FaithLife Ministries

"Equipping Church Leaders Globally"

# Okuyigirizibwa Kw'abakulembeze mu Kanisa

*"Okuyamba abakulembeze mu kanisa 'Bagende bafuule abayigirizwa mu nsi zonna'."*
*Matayo 28:19*



**© 2015**
**FaithLife Ministries, Inc.**

**www.faithlifeministries.net**
**(770) 492-4903**
**Email: BarryVoss@comcast.net**

# ENNYANJULA

Akatabo kano kakoleddwa okuyamba abasumbaawamu n'abakulembeze mu buwereza mu kufuula aba kristaayo abayigirizwa mu makanisa gaabwe. Newankubadde waliwo ebitabo bingi nebintu ebikozesebwa ebyenjawulo mu kufuula abayigirizwa okuva mu nsibuko enene ezenjawulo, ntono kwezo ezikoleddwa ezisobola okuyamba ebibinja ebyenjawulo ebyabakristaayo, newankubadde okuteekawo engeri eyokuyambamu okwekulakulanya nokuteeka mu nkola. Okweyongerayo, ebikozesebwa nebyeyambisibwa ebiriwo byakolebwa kubeera mu katale akali mu America era nga emirundi mingi tebiteekebwa munkola oba okwesigamizibwako obuweereza obuli mu bitundu ebyenjawulo mu nsi ezikyakula.

Obuweereza bwa FaithLife bubadde butendekka abakulembeze mu makanisa ne mu buweereza obwenjawulo, mu ngendo zaabwe ezekiminsani okuva mu 1996. Akatabo kano kateekebwateekebwa oluvanyuma lwemyaka mingi nga tukola nabakulembeze b'amakanisa mu mawanga agenjawulo, abataalina kutendekebwa kulungi mu kufuuka abayigirizwa era nebikozesebwa tebabirina. Era ebiseera ebyo tewaaliwo bikozesebwa oba ebisomesebwa .
Nolwensonga eyo, kubanga abasumba n'abakulembeze bangi mu mawanga agakyakula tebalina mwagaanya kufuna bikozesebwa mu kufuula abayigirizwa, Obuweereza bwa FaithLife bukoze akatabo kano okutuukiriza ekyetaago kino.

Ebiri mu katabo kano, bitegekeddwa okusobozesa okufuna eddaala erisooka mu kutegeera n'okutendekebwa mu bikozesebwa mu kufuula abayigirizwa n'obukoddyo. Omuwandiisi yakigenderdde okuwa omusinji mu kufuula abayigirizwa era n'okuzaamu amaanyi abasomi n'abayizi okuteeka munkola ennono za Bayibuli mu buli mbeera eyenjawulo nga balungamizibwa Omwoyo Omutukuvu.

**© 2015 by Barry Voss, Faith Life Ministries, Inc.**

**Obuyinza bwonna busigaziddwa. Tokkirizibwa kufulumya oba okuwannyisa mungeri yonna,. Tewali kitunddu kyonna ku katabo kano kikkirizibwa kufulumizibwa mungeri yonna okugeza, eyamasanyalaze, eyokukanika, okwokesaamu, okuwanula oba engeri yonna, awatali lukusa mubuwandiike olukuweebwa omuwandiisi wakatabo kano.**

# <u>Ebikwata ku Buweereza bwa FaithLife</u>

Obuweereza bwa Faith Life bwatandikibwawo mu January, 2001 ku lwa Barry Voss ne Star-voss okusobola okuwa okutendeka mu by'okuwereza eri abakulembeze b'amakanisa okwetoloola ensi yonna. Balina okuyitibwa n'okuyaayana kw'okuyigiriza, okwambaza, awamu n'okutendeka abantu ba Katonda obuwereza, naddala mu bitundu eby'ensi awali okubulwa, munsimbi z'ebikozesebwa nga bino.Babadde batendeka abasumba, abaana, abavubuka, awamu n'obukulembeze bwabakulu, mu nsi ezenjawulo nga bateeka essira mukukulakulanya obukugu mubukulembeze bw'obuwereza.
Ng'ojjeeko okukubiriza enkungaana z'okutendekebwa, baatekawo n'okukulakulanya ebikozesebwa ebyabwe ebikwatagana n'okutendekebwa n'ebyetagisa, era balafuubana n'okuzzamu amaanyi abakkiriza bonna okutambulira mu bulamu obw'okukkiriza.

Kim yali muweereza w'abaana mu Kanisa ya Christ the Shepherd Church (oba ekkanisa ya Kristo omusumba) esangibwa mu Alpharetta, GA. Eyo gyeyaweereza nga mu baana n'abakulu abasoba mu 300. Era Kim yakolako okumala emyaka 15 ng'omuddukanya wa Computer System ne pulojekiti endala mu bitongole eby'amanyi era ebyenjawulo. Barry ye okuva mu 2005 obulamu bwe bwonna yali yemalidde mu mirimu gy'obuweereza buno ate nga alina obumanyirivu bwa myaka 20 mu bikwatagana ku busuubuzi. Mukadde wa kanisa eyennyigira mu kusinza ne mubuweereza bw'abaami mu kanisa. Kim ne Barry, bamaze mu bufumbo emyaka *38* era balina abaana 2 abakuze, n'abazukulu basatu (3).

# Okusiima

Tutuusa okusiima kwaffe eri katonda okusooka byonna, okuganya pulojekiti eno okubaawo nokutuwa okwolesebwa okukola akatabo kano . Era twagala okwebaza Ken Jacques, Daryl Hoh, Doming Orprecio, Ayub Khayo and David Quispirroca mukutereeza akatabo kano.

**Okuyigirizibwa Kw'a bakulembeze Mu Kanisa**

**Ebigenda okusomebwa**


**Ekitundu 1:** **Emisingi gy'okufuula abayigirizwa**

Essuula 1 Okuzaala mu mwoyo

Essuula 2 Obugonvu

Essuula 3 Obuwombeefu

Essuula 4 Obuwanika

**Ekitundu 2:** **Ennono z'okuyigirizibwa**

Essuula 5 Okuyigiriza abaana

Essuula 6 Okuyigiriza abavubuka

Essuula 7 Okuyigiriza abaami

Essuuls 8 Okuyigiriza abakyala

**Ekitundu 3:** **Okuyigiriza ku lwe kanisa**

Essuula 9 Enteekateeka y'okufuula abayigiriza

Essuula 10 Obubinja obutono bw'abayigirizwa

Essuula 11 Okufuula abalala

Essuula 12 Okukubiriza enjala ku lwa katonda

**Ekitundu 1**

# Emisingi gy’obuyigirizwa.



## Essuula 1

# Okuzaala Mu Mwoyo

***"Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa…"***

**Matayo 28:19**

Mu Matayo 28:19, Yesu alagira abagoberezi be bonna "***okugenda bafuule amawanga gonna abayigirizwa."*** Buno bwebutumwa obukulu era kyekirubirirwa ekimu ekyekanisa. Tetugambiddwa kugenda kufuula bantu bakiise mu kanisa, oba okwaniriza abantu okujja mu kanisa wamu naffe, Naye kisinga nnyo awo. Naye kitegeeza, tutekeddwa okusiga obulamu bwaffe ku lwabo betujuliza Kristo, era netubaleeta ku Kyoto kya mukama. Naye, tetusobola kubeera nabudde bumala eri buli muntu ali mu kanisa oba abagenyi betusisinkana. Nolwekyo, tutekeddwa okwekubisaamu. Tuteekeddwa okufuula abayigirizwa abanafuula abayigirizwa abalala, era tukubiseemu amaanyi gaffe mu kukuza amakanisa gaffe. Kino Pawulo kyeyagambira ddala Timoseewo mu baluwa ye ey'okubiri eya Timoseewo mu ssuula 2, olunyiriri 2, okuyigiriza abalala byayize. <u>Okuzaala mu mwoyo kitegeeza kufuula bayigirizwa</u>**.** Bwetutasikiza oba okuwaayo okukkiriza kwaffe, ne Yesu byatuyigiriza ne Bayibuli, awo tuli omulembe gumu emabega mu buKristaayo era tebulibeerawo. Okukkiriza kwaffe mu buKristaayo tekutekeddwa kukolebwa mu nkukutu oba mu kyaama. Buteekeddwa kugabanyizibwa era n'okugabibwa.

### A. Ekiruubirirwa kya buli mukkiriza kwe <u>kufuula abayigirizwa.</u>

1. Okugondera ekiragiro kya Yesu ekiri mu **Matayo 28:19-20**
    a. Okubuulira obubaka bwenjiri ey'obulokozi
    b. Okusomesa abagoberezi be okugondera ebiragiro bye

2. Okukuza ekanisa
    a. Okutegeeza omulembe guno enjiri ya Kristo
    b. Okutuuka eri amawanga ku lwa Kristo

    ***Munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne me Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi." Ebikolwa 1:8***

3. Okukyusa ensi
    ***a.*** Okukuuma ekitangaala kye nga kyaaka ("***Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mumaaso g'abantu."Matayo 5:16)***
    b. Beera emikono jje nebigere bye

4. Okusikiza okukkiriza kwo omulembe oguddako
5. Abayigirizwa bokka bebasobola okufuula abalala okubeera abayigiriza.

**B. Okuzaala mu mwoyo kulina <u>ebisingagana</u>**

1. Omukkiriza ateekeddwa okusooka okuyigiriza amaka ge

    ***"Kubanga omuntu yenna atasobola kufuga maka ge, alisobola atya okulabirira ekkanisa ya katonda"-1Timoseewo 3:5***

2. Omukkiriza azaako kuyigiriza abantu abalala mu kanisa
    a. Okuzimba abakulembeze abalala, abanasobola okufuula abayigirizwa abalala
    b. K;Okusimba obwa kabaka bwa katonda okuyita mu kwe kubisaamu

    ***"Noolwekyo, buli lwe kinaabanga kisobose tukolerenga abantu bonna ebirungi, na ddala ab'omunnyumba ey'okukkiriza".***
    **- Abaggalatiya 6:10**

3. Omukkiriza abantu abalala baasembyayo mu kuyigiriza.
    a. Abatali bakkiriza
    b. Bakozi banne

**C. Okuzaala mu mwoyo ku tandika na bakulembeze mu kanisa**

***"Ebyo byewawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala."***

***- 2Timoseewo 2:2***

1. Ekiruubirirwa ekisooka ekyabuli mukulembezze mu kanisa kirina kuba kufuula bayigirizwa.
    a. Ssi ku kulembera bukulembezi buweereza oba okulagira ebitekeddwa oku kolebwa.
    b. Kino kikola ku buli mu kulembeze mu kanisa (omuvubuka, omusinza, abakadde, n'abalala)
2. Buli mu kulembeze avunanyizibwa ku kukkiriza kw'abagoberezi baabwe
    a. Okukozesa ebya wandiikibwa mu buli lukungaana
    b. Okusomesa kye kitegeeza oba engeri gye kikolamu mu bulamu bwabwe
3. Omukulembeze ateekeddwa okulaga Kristo eri abagoberezi be

**D. Ebisumuluzo 8 eby'okufuula abayigirizwa okwa namaddala.**

Bino bye bisumuluzo 8 ebya bakulembeze mu kanisa mukufuula abayigirizwa:

1. **Okuyayaana** – Omukulembeze ateekeddwa okuba n'okuyayaana okufuula abalala abayigirizwa.

    **"*Baana bange be nnumirwa nate ng'alumwa okuzaala, okutuusa Kristo lw'alibumbibwa mu mwe.*"** – **Abaggalatiya 4:19**

**a.** Olina okulaba Kristo ng'abumbiddwa mu balala

**b.** Okuba omwe teefuteefu  okukiwa obudde n'amaanyi go.

2. **Entegeka** – Omukulembeze atekeddwa okuteekawo entegeka ey'okusomesa

   ***"Naye omugabialowooza bya kugaba, era mu by'okugaba mw'alinywerera,*"** **Isaaya 32:8**

   *a.* Teekawo ebirubirirwa n'ebipimo.

   *b.* Ssalawo omutendera gw'onakozesa

3. **Somesa** – Omukulembeze ateekeddwa okusomesa ekigambo kya katonda eri abalala

   ***"Buli ekyawandiikibwa kirina okulu**amya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi."***

   - **2Timoseewo 3:16-17**

   **a.** Tegeeza era olage abalala ekigambo kya katonda kye kigamba

   **b.** Kulemberamu okwewaayo mu buli lukungaana n'emirimu egy'enjawulo

   **c.** Teekawo olukalala lw'ebyawandiikibwa ebinagobererwa mu buweereza bwo

4. **Kyakulabirako** – Omukulembeza ateekeddwa okubeera eky'okulabirako ekya Yesu eri abalala.

   ***"So si ng'abeefuula abaami b'ebyo bye mwateresebwa, naye nga mubeeranga byakulabirako eri ekisibo***."**- 1peetero 5:3**

   a. Omukulembeze ateekeddwa okuba eky'okulabirako eri abalala.

   **b.** Omukulembeze ateekeddwa okuweereza abalala **(Matayo 20:28)**

5. Omubudaabuzi – Omukulembeze abudabuda abalala

“***Buuliranga ekigambo, kubirizanga mu bbanga erisaaniramu n’eritasaaniramu, weranga, nenyanga, buuliriranga n’okugumiikiriza kwonna n’okuyigiriza***.” **2Timoseewo 4:2**

   a. Funayo abantu batono bosobola okuyamba oba okuwanirira
   b. Beerayo n’obudde obumala eri abo b’oyamba
   c. Teekawo emitendera oba enkola ey’okuyamba abalala

6. **Okwenyigiramu**;**-** Omukulembeza azuula engeri y’okuletera abagoberezi okwenyigira mu buweereza.

“***Era n’okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kwokka nga kufudde.”*** –**Yakobo 2:17**

a. Okw’enyigiramu kuzimba okumanya katonda
b. Okuweereza abalala kuzomba omutima ogwagala katonda
c. Okw’enyigira mu buweereza ku gumya okukkiriza kw’omuntu omu.

7. **Obujulizi** – Omukulembeze okozesa bujulizi okuzaamu abantu amaanyi

**“*Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.”*** **- 1Peetero 3:15**

a. Gabana ebyo mukama byakola mu bulamu bw’abantu be

b. Kubiriza obujulizi mu buwandiike oba obwogerere mu kusinza oba mu nkungaana.

8. **<u>Obubinja obutono</u>** - Omukulembeze akubiriza abagoberezi okwe gatta ku bubiina obutono.

   "***Obutalekanga kukungaana wamu, ng'abalala bwe bayisa naye nga tubuulirira, era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwemulaba olunaku luli nga lunatera okutuuka***."

   **– Abaebbulaniya 10:25**

   a. Ziganya okugabana okw'anamaddala
   b. Zizimba embalirira n'okufaayo
   c. Ziteekawo enkola y'okuyambibwa mu mwoyo

**E. Okuzaala mu mwoyo kuweesa empeera**

"***Nabagamba nti okukungula kwe kungi, naye abakunguzi be batono; kale musabe mukama w'okukungula okutuma aba kunguzi mu kukungula kwe."***

**- Lukka 10:2**

1. Muli weebwa omukisa
   a. Bwe mu liraba abakozi bangi nga be waddeyo ku lw'amakungula
   b. Bwe mu liraba obuweereza nga bumalirizibwa abantu abalala
   c. Nga muweereza abalala
   d. Nga muwulira Katonda bwa bakozesa okuwa abalala omukisa.

2. Abantu boyigiriza baliweebwa omukisa
   a. Nga bakula sekinoomu mu mwoyo
   b. Nga babeera nnyo mu nkolagana ne katonda
   c. Nga baweereza abalala
   d. Nga bakozesa ebirabo byabwe eby'omwoyo eri katonda n'eri ekanisa
   e. Nga bawulira katonda okubakozesa okuwa abalala omukisa

**Omulimu ku Somo ly'okuzaala Mu Mwoyo**

1. Bintu ki by'osobola okukola okuyigiriza amaka go?
    1) ______________________________
    2) ______________________________
    3) ______________________________
    4) ______________________________
    5) ______________________________
2. Bakulembeze ki abalina obusoobozi mu buweereza b'osobola okuyigiriza?
    1) ______________________________
    2) ______________________________
    3) ______________________________
    4) ______________________________
    5) ______________________________
    6) ______________________________
3. Bintu ki by'osobola okola okutendeka n'okubasibirira okufuula abayigiriza?
    1) ______________________________
    2) ______________________________
    3) ______________________________
    4) ______________________________
    5) ______________________________
4. Bintu ki by'oyinza okukola okuyigiriza abalala mu buweereza?
    1) ______________________________
    2) ______________________________
    3) ______________________________
    4) ______________________________
    5) ______________________________

**Essuula 2**

# Obugoonvu

***"Balina omukisa abo aba wulira ekigambo kya katonda ne baky'ekuuma".***

**Lukka 11:28**

Mu mwezi gw'omusaanvu, 1976, abajaasi ba komando baakola obulumbaganyi ku kisaawe ky'ennyonyi e Entebbe – Uganda, era abayudaaya 103 abaali bawambiddwa banunulibwa nebayimbulwa. Mu dakiika ezitawera 15, abaserikale baali bamaze okutta abantu 7 ku baali bawambye era nebassumulula abaali bawambiddwa. Nga bwekyali eky'obuwanguzi kino, naye era 3 kubaali basibiddwa battibwa mu bulumbagano buno.

Ng aba komando bayingidde empuku, baalekaana waggulu mu lw'ebbulaniya, "Mukke wansi! Mwavule!" Aba yudaaya abaali bawambiddwa bakitegeera ne baggwa wansi, wabula bali bakyaala kimpadde abataamanya kwogera lw'ebbulaniya ne basigala nga bayimiridde. Mangu nyo abanunuzi nebakuba amasasi abawambi abaali bayimiridde.

Naye babiri ku bawaambe ne besisigirizza- oba oly'awo okulaba ekigenda mu maaso – nabo nebakubibwa amasasi ne baffa. Omu omuvubuka  yali agalamidde, bwe yalaba abaserikale nga bayingidde mu ekisaawe kye nnyonyi nayimirira, oyo naye naye yattibwa amasasi agandibadde ag'omulabe. Singa abasatu bano baagondera ebiragiro by aba komando, ba ndinunuliddwa era nebagenda n'abawembe abalala.

Obulokozi bugguliddwa eri ffenna, naye tuteekeddwa okubeera abagonvu eri ekiragiro kya Kristo eky'okwenenya n'okumufuula mukama. Naye awatali ekyo tugenda kuzikirira n'omusango ogwali gwategekerwa omulabe.

Kubanga katonda ye mugabi webirungi byonna (**Yakobo 1:17)** era awatali ye twali kyetuyinza (Yokaana **15:5**), Mukama tasikirizibwa na byetutuseeko, Naye ekisanyusa katonda bwe buwulize bwaffe. Mu ndaggano enkadde yonna, Katonda yeyongera okunakuwalira obujeemu bw'abaana ba Isiraeli, abantu be abalonde. N'okutuusa leero atwetaaza obugonvu, ng'omuzadde yenna bwayagala abaana be

okubeera abawulize. Katonda asanyuka bwe tumugondera, ebiragiro bye, n'omwana we Yesu. Ebiragiro bye byakolebwa kutuwa mukisa, so si kutukugira oba kutukola kabi. Biriwo lwa muganyulo gwaffe, nga **Lukka 11:28** bw'agamba, tuweebwa omukisa lwa bugonvu. Era nga Yesu bwagamba mu Yokaana 14:15, ***"kale oba nga munjagala mugonderenga ebiragiro byange."***

## A. Ennyanjula – Lwaki tetuli bagoonvu?

1. **Twagal a kubeera bakulu ku lwaffe**
   a. Twagala kwesalirawo nga ffe
   b. Twagala tubeere mu buyinza
   c. Tusomesebwa kubeerawo ku lwaffe

2. **Kizibu nnyo okugondera abalala**
   a. Abalala tebatumanyi ne wankubadde ebyo byetwegomba
   b. Okugondera abalala kirowoozebwa okuba obunafu
   c. Tetwagala kukolagana n'ebyo ebiva mu kusalawo kw'abalala

3. **Tetusaamu kitiibwa buyinza**
   a. Tetukyesiga oba okuwa ekitiibwa abakulembeze baffe
      - Gavumenti
      - Eby'enfuna
      - Ekanisa
   b. Abakulembeze bangi abakozesa obuyinza bwabwe mungeri enkyamu
   c. Abantu bangi balaba abakulembeze nga yensonga lwaki balemereddwa mu bulamu

## B. Ani gwetugambiddwa okugondera

1. **Katonda**
   a. Gondera Katonda
      ***"Kale, mugondere katonda era mulwanyisenga setaani, ajja kubaddukanga." -Yakobo 4:7***

   ***b.*** Wuliriza ekigambo kye era okigondere
      "***Balina omukisa abo bonna abawulira ekigambo kya katonda ne bakigondera."  - Lukka 11:28***

2. **Yesu**
    a. Bwobanga omwagala, ojja kumugondera
    "***kale obanga munjagala mugonderenga ebiragiro byange." – Yokaana 14:15***

    b. Obugonvu buva mu kukkiriza
    "***Mu Yesu Kristo mukama waffe, mwe twaweerwa ekisa, ne mptibwa okuba omutume, amawanga gonna galyoke gamugondere mu kukkiriza ku lw'erinnya lye."*** – **Abaruumi 1:5**

3. **Abazadde**
    a. Kituufu
    **"*Abaana, mugonderenga bazadde bammwe mu mukama, kubanga ky e kituufu."* – Abaefeeso 6:*1***

    b. Kisanyusa mukama
    ***"Abaana, mugondere bazadde bammwe mu buli kintu, kubanga kino kyekisanyusa katonda." – Abakkolosaayi 3:20***

4. **Abakulembezze.**
    a. Okufuula omulimu gwabwe essanyu
    ***"Muwulirenga abakulembeze bammwe era mubagonderenga, kubanga obuweereza bwabwe kwe kulabirira emyoyo gyamwe, balyoke bakikole n'essanyu nga tebeemulugunya. Kubanga bwe babeemulugunyiza tekibagasa mmwe."*** **- Abaebbulaniya 13:17**

    *b.* Okuwangula okuganja kw'abwe
    "***Abaddu muwulirenga bakama bammwe ab'omunsi mubintu byonna, si kubasanyusa lwakubanga babalaba, naye mubagonderenga n'omutima ogutaliimu bukuusa, nga mutya mukama waffe***."
    – **Abakkolosaayi 3:22**

*5.* **Abo abali mu buyinza**
    **a.** Baatekebwawo katonda
    ***"Buli muntu awulirenga abafuzi, kubanga tewali buyinza butava eri katonda, era n'abafuzi abaliwo katonda ye yabalonda."*** **– Abaruumi 13:1**

**b.** Okukola okwagala kwa katonda
“***Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab’omu mubiri nga mubatya era nga mubawa ekitiibwa…. Mubagonderenga, ekyo temukikola lwa kulabibwa, abantu balyoke basiime, wabula mukolenga ng’abaddu ba Kristo nga mukola n’omutima gwammwe gwonna, nga katonda bwayagala***.” – **Abaefeso 6:5a,6**

## *C.* Biki ebituleetera okuba abajeemu?

**1. <u>Okubuusabuusa</u> – Tetwesiga bakulembeze**

a. Tetuli bakakafu na biruubirirwa by’abwe
b. Tetukiriziganya na kusalawo kw’abwe

2. **<u>Okwemanya</u>** – **Tulowooza nti tumanyi nyo okubasinga**

a. Tukkiriza nti ffe tulina eky’okuddamu ekituufu
b. Tulowooza tumanyi bingi okubasinga

**3. <u>Okweyagaliza</u> – Twagala ebintu bikolebwe mungeri yaffe**

a. Tetuli beetegefu kukkiriza ngeri za balala
b. Ngeri yaffe oba ekkubo eggolokofu

**4. <u>Amalala</u> – Ffe twagala okubeera mu buyinza**

**a.** Twegomba okubaako ne kyetukola mu biseera byaffe eby’omumaaso
**b.** Tetwagala embeera zaffe kwogerwako balala.

**5. <u>Okutya</u> – Tutya ebinavaamu.**

a. Tetwagal busobozi bwa nkuukakyuuka mu bulamu bwaffe
b. Tetwagala kuteebereza balala bye bagumidde.

## D. Tusobola tutya okufuuka abagonvu ennyo?

**1. Okwefiiriza**

a. Yesu yagamba okwetikka omusaalaba gwaffe
***“Era bonna n’abagamba nti, omuntu yenna ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka yeetikke omusaalaba gwe buli lunaku angoberere.” – Lukka 9:23***

b. Okukyusa emitima eri ebiragiro bye
*"Okyuse omutima gwange eri ebyo bye wategeeza, so si eri kwegomba."* **– Zabuli 119:36**

c. Sooka omoonye obwakabaka bwe
***"Naye musooke munoonye obwakaba bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako." – Matayo 6:33***

**2. Weereza abalala**

a. Muweerezeganenga mu kwagala
***"Kubanga mmwe ab'oluganda, mwayitibwa lwa ddembe; naye eddembe lyammwe liremenga obeera omubiri kwe guyima, naye olw'okwagala muweerezeganenga mwekka na mwekka."***
***– Abaggalatiya 5:13***

b. Okufuna obukakafu mu kukkiriza kw'omu
***"Kubanaga abaweereza obulungi bafuna ekifo ekya waggulu era baba n'obuvumu bungi mu kukkiriza okuli mu Kristo."***
***- 1Timoseewo 3:12***

c. Okubeera omukulu mu bwakabaka
***"Naye tekisaanye kuba bwekityo mu mmwe. Buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, abeerenga muweereza wa banne."*** - **Matayo 20:26**

**3. Soma ekigamboera okiteeke mu nkola**

a. Okuyigirizanga mu butuukirivu
***"Buli kyawandiikibwa kirina okulungamya kwa katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuuliranga mu butuukirivu; omuntu wa katonda*** **alemenga** ***okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi."*** **– 2Timoseewo 3:16-17**

b. Okukuuma ekkubo lyo nga lirongoofu
**"*Omuvubuka anaalongoosanga atya ekkubo lye? Nga yegendereza ng'ekigambo kyo bwekiri."* – Zabbuli 119:9**

c. Okufuna okutegeera
***"Ompe amagezi, nange neekuumanga amateeka go; weewaawo, nagakwatanga n'omutima gwange gwonna."*** **– Zabbuli 119:34**

4. **Noonya amagezi ga Katonda okuyita mu kusaba**
    a. Saba katonda akuyambe
    **"*Temweraliikiriranga kigambo kyonna kyonna; naye mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye mwagala bitegezebwenga eri katonda.*"**
    **– Abafiripi 4:6**

    b. Agya kuyamba
    **"Akuweenga omutima gwo kye gwagala, atuukirizenga okuteesa kwo kwonna."**

**E. Lwaki tulina okubeera abagonvu**

1. **Okwewala obulumi n'okubonabona**
    a. Amakubo gaffe gatutwala mu kufa
    ***"Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa."*** **– Engero 14:12**

    b. Obusirusiru bwaffe bututwala mu kabi
    "***Otambulanga n'abantu ab'amagezi, naawe oliba n'amagezi; Naye munaabwe w'abasirusiru alibalagalwa."***
    – Enger**o 13:20**

2. **Okufuna obuguminkiriza n'okuguma**
    **a.** Okubala ebibala ku lwa katonda
    "***Okutambulanga nga bwe kisaanira mukama waffe olw'okusiimibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikolwa ekirungi era nga mukuliranga mu kutegeera katonda***."
    – **Abakolosaayi 1:10**

    **b.** Okubeera ne suubi
    ***"So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta okugumiikiriza; nate okugumiikiriza kuleeta okukemebwa nate okukemebwa kuleeta okusuubira*." – Abaruumi 5:3-4**

3. **Okukola okwagala kwa katonda**
    a. Okubeera abatukuvu
    **"*Kubanga ekyo katonda ky'ayagala, okutukuzibwa kwammwe.*" – 1Abasessaloniika 4:3**

b. Okutuukirizibwa
   ***"Naye katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye mukama waffe Yesu, abatuukirize mu buli kigambokirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera muffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo."* – Abaebbulaniya 13:20-21**

4. **Okufuna omukisa gwa katonda**
   a. Okujjuzibwa
      ***"Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu; kubanga abo balikkusibwa."* – Matayo 5:6**

   b. Okugulumizibwa okusinga amawanga gonna agali ku nsi
      **"*Awo olunaatuukanga, bw'ononyiikiranga okuwulira eddoboozi lya mukama katonda wo, okukwata ebiragiro bye byonna bye nkulagira leero, okubikolanga, mukama katonda wo anaakugulumizanga okusinga amawanga gonna agali kunsi: n'emikisa gino gyonna ginaakujjiranga ginaakutuukangako, bw'onowuliranga eddoboozi lya mukama katonda wo."* – Ekyamateeka 28:1-2**

Katonda ayagala okuwa  buli omu kuffe emiksa gye egitakoma era egy'omuyiika. Okugifuna, tulina okumugondera. Tuli ekigambo kye n'ebiragiro,  era newankubadde biribeera bizibu, atuwadde omwoyo we omutukuvu okutuyamba. Leeka tweweeyo eri obulamu obw'okugonda leero – kati kati – era tusabe mukama atulage ekkubo lye, buli lunaku, tulyoke tuleme okuzikirira n'omulabe, naye tufune emikisa gye emingi.

# <u>Okwekebera mu bugonvu</u>

1. **Lwaki ojeemera katonda?**

| |
|---|
| **Ebiragiro:** weewe akabonero ku bujeemu bwo okusinziira ku bipimo bino wammanga<br><br>**0=Tekiri 1=tekitera 2=oluusi 3=emirundi mingi 4=okutera 5= Bulijjo** |

| <u>Ensonga</u> | <u>Obubonero</u> |
|---|---|
| • Okubuusabuusa – Obuteesiga kimala | ________ |
| • Okwemanya - Nze manyi nnyo | ________ |
| • Okweyagariza - Njagala mungeri yange | ________ |
| • Amalala - Njagala kufuga | ________ |
| • Okutya – Otya ebinavaamu | ________ |

2. Nsonga ki erina obubonero obunji okusinziira ku ggwe? ______________

   **a.** Lwaki?
   ____________________________________________________________________

3. Nsonga ki erina obubonero obutono?__________________

   **a.** Lwaki?
   ____________________________________________________________________

4. Biki by'ogenda okukola okukyusa ku bugonvu bwo?

   1. _________________________________________________________
   2. _________________________________________________________
   3. _________________________________________________________
   4. _________________________________________________________
   5. _________________________________________________________

**Essuula 3**

# Obwetoowaze

***“Mwetoowazenge mu maaso ga mukama waffe yesu, naye alibagulumiza.” Yakobo 4:10***

Ekigambo kya mukama kyogera mu **Engero8:13,** nti *“***Nkyawa amalala n’essukuti.”** Ebyo ebigambo by’amaanyi okuzaama naye biwawaaza etteeka ery’olubereberye, erigamba nti  tetubanga na bakatonda balala awali ye. Katonda ye mutonzi waffe, era omutonzi wa buli kintu era kimunyiiza bwetugezaako okumusikiza ekintu ekirala kyonna, emirundi egisinga nga ffe.

Olaba nga amalala n’essukuti byebituleetera okwerowoozako ennyo okusinga bwetulina okukikola (Abaruumi 12:3). Mbala yaffe okuwa ekitiibwa  ebintu eby’obwakatonda. Katonda ayagala abaana be okubeera abawombeefu era n’okumugondera. Era ayagala tugondere abalala nga mutabani we Yesu bweyakola. Era eky’okulabirako ekyebiseera bino kye kya maama Tereeza, eyewerayo ddala mu kuyamba abanaku mu Buyindi. Ne Yesu yakikakasa kino bweyagamba  nt***, “Naye bangi ab’olubereberye abaliba ab’oluvannyuma; n’aboluvannyuma abaliba ab’olubereberye.”* – Makko 10:31.**
Okugoberera Yesu kitegeeza kwegaana bulamu bwaffe, okuteeka ebbali amalala, n’okubeera abawombeefu, Nga ye bweyali. N’olwekyo, obuwombeefu gw’emusingi ogwannamaddala okubeera omuyigirizwa wa Yesu.

## A. Ennyanjula

***1.*** Okwetoowaza  kitegeeza ki?
- Okusinziira ku  kitabo ekinnyonyola ekya Webster, obuwombeefu kitegeeza:
    - Obutaba namalala, obutaba nassukuti oba okwekaza
    - Okulaga, okwewaayo mu mwoyo ogwenjawulo oba okugonda
    - Okubeera wansi mubitiibwa; obutalabika, obuteyisaako
    - Obutaba wa beeyi oba omukyakaze

***2.*** Tulina ebibuuzo 3 eby’okwanukula mu kitundu kino:
a. Lwaki obwetoowaze bwamugaso?
b. Bayibuli eyogera ki ku bwetoowaze?
c. Tusobola kubeerawo tutya nga tuli beetowaze?

**B. Lwaki obwetoowaze bwamugaso?**

**1. Eri abantu bonna**

**a.** Amalala ge gakulembera ekigo
**"*Amalala gakulembera okuzikirira."* – Engero 16:18**

- Ogwa nnyo okuva mu kasolya akaawaggulu
- Tweteeka waggulu okusikiriza abalala okutulumba

b. Amalala galeeta essukuti n'obubambaavu
- Abantu abalala tebajja kukwagala
- Olumya abalala n'ebigambo byo n'ebikolwa.

c. Bulijjo waliyo omuntu akusinga

***2. Ku lwabaKristaayo***

***"Kubanga mwalokoka lwa kisa, lwa kukkiriza; so tekwava gyemuli; kye kirabo kya katonda: tekwava mu bikolwa, omuntu yenna alemenga okwenyumirizanga." – Abaefeso 2:8-9***

a. Okulabawo katonda , so si ffe twerokola
- Tewali kyetwakola…. Ye yakola byonna!
- Okwewala "kikola obutuukirivu"

b. Okulabawo Katonda, so si ffe abetusizza ku byetufunye
"***Kale bwe kityo oyo asiga n'oyo afukirira si bebakulu wabula katonda akuza." –*** **1Abakkolinso 3:7**

- Omwoyo mutukuvu yakola muffe n'okuyita muffe, okutuukiriza okwagala kwa katonda
- Ffe tuli bubeezi bibya bikozesebwa, so si bayambi

*c.* Okututangira okwenyumiriza mu maanyi gaffe
- Bwetwenyumiriza tuba tetuwa katonda kitiibwa
- Bwetugamba nti "nze" tuba twegaana katonda.

*d.* Omuyigirizwa atekeddwa okugoberera enjigiriza ya Yesu era abeere mwetowaze nga ye.

3. **Abasumba n'abakulembeze**

“***Naye nze nfaayo ki? Kristo bw'abuulirwa, mubuli ngeri, oba za bukuusa oba za mazima nze nsanyuka busanyusi.”* – Abafiripi 1:18**

a. Okusobozesa abalala okulaba yesu so si ffe
   - Abalala tebasobola kulaba yesu bwetuba nga tuyimiridde mu kkubo
   - Obuweereza bwa katonda, so si bwaffe
   - Obulokozi bwabwe busigamiziddwa ku Yesu, so si ggwe

b. Okukulembera nga Yesu bwe yakulembera
   - Yesu yagulumiza katonda, teyegulumiza
   - Yesu yajja kuweeereza, so si kuweerezebwa (**Matayo 20:28**)

c. Okubakuuma obutagwa mu kibi
   - Abakulembeze muliba biruubirirwa (**2Timoseewo3:12)**
   - Setaani ayagala ku kutaaguula **(1Peetero 5:8)**

d. Okubakugira obutakyaamya balala
   - Ovunaanyizibwa kubalala **(Matayo 18:6-7)**
   - Tobikka mazima **(2Timoseewo 4:3)**

C. **Baiyibuli eyogera ki ku buwonbeefu**

**1.** Waliwo enjawulo nnene wakati w'ebyawandiikibwa n'ensi

| Ensi egamba…….. | Bayibuli egamba……….. |
|---|---|
| Bwekiba kyakubaawo, kiri jendi | Katonda y'akuza ebintu (**1Abakkolinso 3:6-7)** |
| Omwangu yatta enswa | Katonda awa empeera abo abeesigwa (**Abaefeso 6:8)** |
| Afa n'ebingi y'awangula | Gabira abaavu ebibyo byonna (**Lukka 18:22)** |
| Ennyonyi enkeeze y'erya olusiringanyi | Ow'oluvannyuma yaliba ow'olubereberye (**Matayo 20:16**) |
| Obukulembeze bujja n'amaanyi | Obukulembeze bujja n'obuvunannyizibwa (**1Peetero 5:2)** |
| Wennyumirize mu byokoze | Wa katonda ekitiibwa mu byonna by'okola (**1Abakkolinso 10:31)** |

**2.** Lwaki obuwombeefu butuzibuwalira?

a. Tekiri mu buttoned bwaffe
    - Obukuubagano wakati w'ekibi n'engeri z'omwoyo (**Abaggalatiya 5:17**)
    - Eriggwa lya Pawulo mu mubiri gwe **(2Abakkolinso 12:7-10)**

b. Tweyagaliza era twefakko fekka
    - Tutekeddwa okunoonya *1 (ffe)
    - "Bwekiba kyakubaawo kiri gyendi" endowooza eyo

c. Tetulabawo balala
    - Tulaba bunafu bwabwe bwokka, so si maanyi gaabwe
    - Tusaamu ekitiibwa ebyo byokka byetumanyi, era byetwerabideko.

d. Tetwesiga kigambo kya katonda
    - Mungeri emu oba endala tulowooza nti ekigambo kye kikola ku balala so si kuffe
    - Tubuusabuusa ebisuubizo bye

**D. Tusobola tutya okubeerawo nga tuli bantu bawombeefu?**

***"Akubuulidde , ggwe omuntu, ekirungi bwekiri; era mukama akusalira kiki, wabula okukolaeby'ensonga, era okwagala ekissa, era okutambula n'obuwombeefu ne katonda wo?"* – Mikka 6:8**

1. Saba omwoyo Omutukuvu akuwe obuwombeefu
2. Wewale okugamba nti "nze" nakikoze, gamba nti "katonda" yakikoze
3. Sooka olowooze ku balala
    - Leka ebyetaago by'abwe bibeere ekikusikiriza
    - Beera omukulembeze omuweereza
4. Wa katonda ekitiibwa, so si ggwe

**E. Ebimu ku birowoozo ebikomekkereza**

1. Tuteekeddwa okuwa katonda obubonero n'ekitiibwa ku buli kye tumalriza
2. Tuteekeddwa okubeera abegendereza obutawagira eby'amalala mubalala
3. Tetuteekeddwa kwewaayo eri ebinnyonyola enkulakulana.
4. Tuli babaka ba Kristo, so tetuli Kristo (**2Abakkolinso 5:20)**

***"Nolwekyo, mwewombeeke wansi w'omukono gwa katonda ogw'amaanyi, naye alibagulumiza ng'obudde butuuse."***

**1Petero 5:6**

**Omulimu ku Buwombeefu**

Wammanga bye bibuuzo ebikwata ku buwombeefu, buli kimu kisome n'obwegendereza, era ng'okozesa ekipimo,salawo ekyo ekikola ku ggwe. Okufuna ebivaamu ebirungi, yanukula mu mazima nga bwekisoboka.

| Tekiri | tekitera | oluusi | emirundi mingi | okutera | Bulijjo |
|---|---|---|---|---|---|
| **0** | **1** | **2** | **3** | **4** | **5** |

1. _______ Abantu bwebatakkiriziganya nawe, owulira nga wetaaga okuwakana okakase ensonga yo?
2. _______ Owulira bubi ng'abo bootayagala bassiddwamu ekitiibwa?
3. ______ Okusinga nti kizibu okukkiriza nti oli mu nsobi?
4. ______ Onyumirwa okugabana n'abalala ebyo by'otuseeko?
5. ______ Okola ebintu bakutendereze n'okukwogerako?
6. ______ Okkiriza okutenderezebwa okusinga obutakulaga?
7. ______ Onyiiga bw'otafuna bubonero ng'ekiseera kyekyo?
8. ______ Olimwangu okutereeza abalala nga bakoze ensobi?
9. ______ Ofaayo nyo ku linnya lyo okusiinga erya katonda?
10. ______ Wegerageranya n'abalala okusinga katonda?

**Omugatte** ______ (gatta obubonera bw'ofunye awamu bwonna)

| **Omugatte gw'obubonero** | **Amakulu** |
|---|---|
| 40+ | okutwaliza awamu oli w'amalala era tofaayo ku balala. |
| 30-39 | Bulijjo wematira era totera kufaayo ku byetaago by'abalala. |
| 20-29 | Oyolesa obuwombeefu emirundi egimu naye oluusi ofaayo nyo kubyetaago byo okusinga eby'abalala. |
| 10-19 | Oli mwetoowaze era emirundi egisinga ofaayo nyo ku byetaago by'abalala. |
| 0-9 | Oli mwetoowaze nnyo era oteeka essira ku byetaago by'abalala |

**Essuula 4**

# Obuwanika

"***Mugabenga nammwe muliweebwa, ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiri bakwasibwa kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa***."
**Lukka 6:38**

Kirabika nga ekimu ku bintu ebizibu okukola eri abakulembeze mu kanisa n'obuweereza kwekusikiriza abantu okuweereza katonda n'obudde bwabwe, talanta awamu n'ebyobugagga. Abantu abamu tebalina budde, abalala tebakiwulira kubaako kyebakola, era n'abalala tebaagala bwagazi kuwaayo budde bwabwe oba bikozesebwa mu mulimu gw'amukama, era basalawo kubirekera bakugu. Omu gy'akoma okugenda ebuziba mukigambo kya katonda, tewali kubuusabuusa nti ffenna tulina ebirabo eby'okukozesa mu bw'akabaka bwa katonda, obwo katonda bwatuyita okumuweerezamu n'abalala, era ffenna tuli kitundu ku kirubirirwa n'enteekateeka ze. Bwekiba nga ekyo kituufu, lwaki abakristaayo bangi balemererwa okuwa katonda ekitiibwa n'obudde bwabwe awamu n'ebintu by'abwe? Ky'amugaso okusooka okutegeera omulimu gwaffe ng'abawanika bebyo ebya katonda era byatuwadde okumuwanikirako. Awo nno, nga bwetuyiga okufuuka abayigirizwa be, obuwanika bujja kwekola bwokka okuyita mukwagala n'okumuyaayanira n'ekigendererwa kye mu bulamu bwaffe.

## A. Obuwanika kye ki?

1. Bwetukinnyonyola, kitegeeza kulabirira bikozesebwa
    a. Yaafesi, emirimu awamu n'obuvunanyizibwa bw'omuwanika.
    b. Okukubiriza, okulabirira oba okufuga ekintu.
    c. Okulabirira obulungi n'obuvunaanyizibwa ekintu ekikwesigisiddwa.

2. Katonda ye nannyini, ffe tulabirira
    a. Katonda yatonda buli kintu – **Olubereberye 1:1**
    b. Buli kintu kyetulina kiva eri katonda
    ***"Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri kitaffe, eya ttonda eby'omubbanga ebyaka atakyukakyuka newankubadde okwefuula ekirala***." – Yakobo 1:17

3. Yesu yasomesa engero ezenjawulo ezikwata ku buwanika.

a. Olugero lwa talanta – **Matayo 25:14-30**

- **Ennono #1** – Ojja kuwa embalira kw'ebyo byewakola ne katonda byeyakuwa
- **Ennono #2** – Buli alina, bingi birimuweebwa (olunyiririri 29)

b. Olugero lw'omulabirizi ow'amagezi **– Lukka 12:35-48**

- **Ennono #1** Mulabe era mubeere beetegefu (olunyiriri 40)
- **Ennono #2** Oyo aweebwa ebingi, asuubirwamu bingi (olunyirir 48).

c. Olugero lw'omulabirizi omukalabakalaba – **Lukka 16:1-13**

- **Ennono #1-** Omuntu omwesigwa mukintu ekitono, abeera mwesigwa ne mu kinene (olunyiriri 10)
- **Ennono #2-** Tosobola kuweereza katonda awamu ne sente (olunyiririri 13)

4. Obuwanika tekiri ku "singa" oba "ddi", wabula "kitya"

   **a.** Ng'abayigirizwa twayitibwa kugaba **(Matayo 22:21)**
   **b.** Katonda atuyita okugaba n'essanyu (**2 Abakkolinso 9:7)**
   **c.** Katonda atuyita okugaba okwa saddaaka (**Matayo 19:21)**
   **d.** Katonda atuyita okuwaayo n'okwagala **(Abaruumi 12:8)**

## B. Tulina okukitegeera nti katonda yemusanyusa ow'amazima

1. Tusobola okuzaamu amaanyi, naye katonda yekka y'azaaza
   "***Nze nasiga, Apolo n'afukirira, kyokka katonda ye yakuza, kale bwekityo oyo asiga n'oyo afukirira si be bakulu wabula katonda akuza."***
   ***(1 Abakkolinso 3:6-7)***

2. Katonda yakola, ffe twanukula
*"**Tulina okwagala kubanga ye ye yasooka okutwagala."*** **(1Yokaana 4:19)**

3. Buli kyetulina kiva eri katonda
   ***"Buli kirabo ekirungi, ekituukiridde, kiva mu ggulu eri kitaffe, eyatonda eby'omubbanga eby'aka atakyukakyuka newankubadde okwefuula ekirara***." – **Yakobo 1:17**

4. Okugaba sanyu era mukisa

   ***"Mbalaze mu buli kintu nga mu kukola n'amaanyi, kibagwanira okuyamba abanafu, era n'okujjukira ebigambo bya mukama waffe Yesu bye yayogera nti 'okugaba kwa mukisa okusinga okuweebwa.'***
   **- Ebikolwa 20:35**

5. Tegeera nti twatondebwa olwekigendererwa.

   ***"Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo katonda kye yamuwa olw'okugasa banne nabo balyoke bafune emikisa gya katonda emingi gy'agaba."*** **– 1 peetero 4:10**

   a. Katonda yatuwa ebirabo
   b. Twayitibwa okukozesa ebirabo byaffe okuweereza omubiri gwa Kristo.
   c. Twetaaaga okumanya engeri ey'okukozesa ebirabo byaffe.

## C. Obuwanika buva mu buyigirizwa

**1.** Waliwo obukuubagano wakati w'ekikula ky'omuntu n'ekikula ky'omwoyo

   "***Kubanga omubiri gwegomba nga guwakana n'Omwoyo, n'Omwoyo nga guwakana n'omubiri; kubanga ebyo byolekanye, mulemenga okukola ebyo bye mwagala"*** – **Abaggalatiya 5"17**

   a. Tulina okwegaana enkula yaffe ey'ekibi, eyo ezaala omululu n'okweyagaliza.
   b. Twetaaga okuzimba enkula yaffe ey'omwoyo eyo ezaala emirimu ne saddaaka.

2. Engeri za katonda ziteekeddwa okusomesebwa

   "***Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu."*** – **2Timoseewo 3:16**

   a. Abakkiriza bonna batekeddwa okukubirizibwa okusoma ekigambo kya katonda
      - Ebibiinja ebiteeketeeke
      - Okusoma Baibuli okwa buli lunaku
      - Okwewangayo okwabuli lunaku

b. Abakkiriza bonna beetaga okutendekebwa mu butuukirivu
    - Okubeera abagonvu eri ebiragiro bye
    - Okubeera mu bulamu obutukuvu

c. Abakkiriza bonna beetaga okumanya baibuli kyeyogera ku nsi

3. Nga bwetusembera kumpi ne katonda, obuwanika bwekola bwokka

a. Nga bwetuyiga ekigambo kye, tulumirizibwa okumuweereza.
"***omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'Omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulema, tegulisinga nnyo okunaaza omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda omulamu?"***
**– Abaebbulaniya 9:14**

b. Nga tukula mu kukkiriza, ebikolwa byaffe birina kulaga ekyo
"***Naye omuntu alyogera nti Ggwe olina kukkiriza, nange nnina ebikolwa: ndaga okukkiriza kwo awatali bikolwa byo, nange olwebikolwa byange ndikulaga okukkiriza kwange*." –Yakobo 2:18**

4. Obuyigirizwa buleeta okumanyisibwa kw'ekyetaago eky'okuwa katonda n'abalala
**"*Naye nga bwe musukkirira mu byonna, mu kukkiriza, ne mu kwogera, ne mu kutegeera, ne mu kufuba kwonna, ne mu kwagala kwammwe eri ffe, era musukkirirenga ne mu kisa ekyo."* – 2Abakkolinso 8:7**

a. Ekigambo kya katonda tekyetaaga, bulijjo kizaamu maanyi
b. Obuziba bw'enkolagana ne katonda, bw'ebunene bw'okumanyisibwa ku kisa kye.

## D. Okuwaayo bulijjo kuva mu kumanyisibwa

1. Leka abantu bamanye ekyetaago balyoke baweeyo n'obuvunaanyizibwa
    a. Tegeeza obwetaavu bwo mu bantu, obukugu, oba sente
    b. Kozesa obujulizi okugabana ku nsonga y'ekyetaago
    c. Totya kusaba buyambi
    ***"Temulina, kubanga temusaba katonda."* – Yakobo 4:2**

2. Ganya omwoyo omutukuvu akole omulimu gwe
    a. Waa bantu obudde okukola obuvunanyizibwa bwabwe

b. Leka omwoyo omutukuvu alumirize abantu okuweereza oba okuwaayo, so si ggwe.
    - Toleetera bantu kwesalira musango
    - Tosabiriza
    - Totiisatiisa bantu

3. Kubiriza abantu okusabira ebyetaago
    a. Bweboogera ne katonda, ayogera nabo
    b. Omwoyo mutuku bw'atukirirwa, ayanukula

**E. Enfundikira**

1. Obuwanika, kwanukula, so si kyetaago
    a. Obuwanika buva mu kwanukula eri ekisa buli omu ky'awulira
    b. Obuwanika tebuzaala kukkiriza – okukkiriza kwe kuzaala obuwanika

2. Obuyigirizwa butuuusa ku buwanika
    a. KKiriza ekigambo kya katondaokukola omulimu gw'akyo.
    b. Somesa abantu ekigambo kya katonda, obuwanika bujja kugoberera bwokka.

3. Leka omwoyo omutukuvu ajjuze ebyetaago byo okuyita mu bantu baasomesa.
    a. Toteebereza nti omanyi ebikozesebwa gyebinaava
    b. Beera mwetegefu era mumalirivu okufuna ekyo omwoyo omutukuvu ky'agabirira.


# Omulimu ku Buwanika

**Waayo ebintu by'osobola okukola okusikiriza obuwanika bw'abalala:**

1. ______________________________
2. ______________________________
3. ______________________________
4. ______________________________
5. ______________________________
6. ______________________________
7. ______________________________
8. ______________________________
9. ______________________________
10. ______________________________

**Ekitundu 2**

# Ennono z'obuyigirizwa



## Essuula 5

# <u>Okufuula abaana abayigirizwa</u>

**"*Awo ne bamuleetera abaana abato, okubakomako: abayigirizwa be ne bajunga abaabaleeta. Naye Yesu bwe yalaba n'asunguwala, n'abagamba nti Mukkirize abaana abato bajje gye ndi; so temubagaana; kubanga abafaanana nga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe: Mazima mbagamba nti Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono. N'abawambaatira, n'abawa omukisa, ng'abassaako emikono.*"**
**Makko 10:13-16**

Yesu yalaga okwagala okunene eri abaana. Era natulaga ekipimo ky'ekitiibwa kyetulina okuwa abaana, ng'ekyokulabirako gyebali mu kukkiriza. Kirungi okuyigiriza abaana ebikwata ku Yesu n'ekigambo kya katonda, naye okukoma ku mitima gy'abwe "okufuna obwakabaka bwa katonda" ky'ekiruubirirwa! Emirundi egisinga abaana bayitibwa "ekanisa y'enkya". Abaana ye kanisa yebissera by'omumaaso, era bwetubafiirwa, tuba tufiiriddwa ekanisa (oba tuba tuyiye ekanisa). So nga abaana nabo kanisa ya leero, tulina okubalaba ng'abayigirizwa ba Yesu, nga naffe bwetuli.

### A. Ebiruubirirwa bya katonda eri obuweereza bw'abaana

1. **"**<u>Okukola abayigirizwa abato"</u> – Matayo 28:19 wewali eddimu eddene "ery'okugenda okufuula abayigirizwa mu nsi zonna." Enzivuunula ya Baibuli eya Messegi egamba "***Mugende mutendeke buli muntu gwemusisinkana, okumpi neewala, mungeri eno ey'obulamu…"*** 1Timoseewo 2:4 atugamba nti katonda ayagala "***abantu bonna balokeke ere bategeere amazima".***

2. Okubeera n'awakwetoolodde awenjawulo – ekanisa y'awaka nga yabonna.
   a. Essomero ly'abaana ery'okusande teribeera nga somero ly'abulijjo – gabeera maka ga kanisa
   b. Obuweereza bw'abaana si kulabirira baana – buba buweereza 100%
   c. Abasomesa n'abazadde si bebokka abalabirira abaana bano – yesu ky'ekyokulabirako.

3. Mu kanisa ekikula ky'abantu n'emyaka gy'onna gitekeddwa okuweebwa ekitiibwa. Nga muno mulimu n'abaana.
   ***"Naye bakabona abakulu n'abawandiisi bwe baalaba eby'amagero bye yakola, n'abaana abaaya gerera waggulu mu yeekaalu nga bagamba nti Ozaana eri omwana wi Dawudi; ne banyiiga ne bamugamba nti Owulira bano bwe bagamba? Yesu n'abagamba nti Mpulira: temusomangako nti Mu kamwa k'abaana abato n'abawere otuukirizza ettendo?" – Matayo 21:15-16 (****Yesu anokolayo* ***Zabuli 8:2)***

***B.*** Okuyigiriza abaana mu kanisa ky'amakulu nnyo okusinga amasomo agabulijjo (*babuulireyo olugero mu Baibuli, oluyimba, era baweeyo n'ekiwebwayo*) ebifo ebikulu mu kuyigirizibwa bitekeddwa okuteekebwa mu somo.

1. Okutendereza n'okusinza

   a. Mu makanisa agamu, kyabulijjo abazadde okugenda okusinza, nga abaana babwe nabo bagenze mu masomo gaabwe. Kukino, nail mpulideko omusumba ng'agamba nti, "*ffe tukikyusiza, abakulu beetaga okusoma n'abaana nabo beetaga okusinza*!"

   b. Okusinziira ku Matayo 25:15-16 (waggulu) nemubiseera by'okulekaana by'abaana, okutendereza kulina okubaawo, okuwa mukama waffe ekitiibwa.

2. **Okuyiga Baibuli**

   a. Baibuli yesingayo obulunji mu bisomesebwa byonna, kubuli mutendera, egy'emyaka egy'enjawulo

   b. Abaana balina okuwulira ekigambo kya katonda. Okukola obugero mu Baibuli , n'okukubaganya ebirowoozo ku ngero ezo, nabutya bweziyinza okuteekebwa munkola mu bulamu bwabwe.

   c. Yamba abaana okutandika okugasa n'okwagala Baibuli.Basikirize okukyuka okudda eri ekigambo kya katonda olwokuyamba obulamu bwabwe.

3. ***Okusaba n'abaana***

    a. Tomala gasabira baana, bannyonyole okusaba era muyige ku kusaba okuva mu Baibuli

    b. Kozesa engeri z'esaala ezanguyira abaana era ezibayamba okukula mu mukusaba.

    c. Okuyiga okusabira waggulu mu balala kye kiruubirirwa ky'abaana.

4. **Okugabana ku kukkiriza**

    a. Abakristaayo bonna balina engero ku kukkiriza, nga gy'emimuli egiva eri katonda buli lunaku. N'abaana kino balina okukiyiga.

    b. Abaana baagala nyo okunyumya ku ngero era n'okwoger ku maka gaabwe. Enkyukakyuka mundaba y'ebintu yeetagisibwa okunoonya obugero bw'okukkiriza obw'okugabana, era nokuwa katonda ekitiibwa.

    c. Abaana balina okuyiga obubaka obuli mu mawulire amalungi aga mukama waffe Yesu era n'okubugabana ng'obujulizi eri abalala. Tetuli bato nyo okugabana enjiri nga Yesu bweyagamba.
    "***N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna; awo enkomerero n'eryoka ejja."***
    **Matayo24:14**

5. **Ebitundu ebirala eby'okuyigirizibwamu:**
    a. Obuwanika – Somesa abaana ku bimu ebye kkumi oba ekiwebwayo ekyenjawulo nga kyamulimu ogwenjawulo.
    b. Pulojekiti y'okufulama okubuulira enjiri – Leka abaana be yunge famile mu kubuulira enjiri mu kanisa ne mubuweereza
    c. Okukungaana – Laga abaana omugaso gw'okukola emikwano n'esanyu ly'okukkiriza mu Yesu.

C. **"Engeri abaana gyebayigamu:** ekwasaganyizibwa ku mitendera mu nkulakulana y'abaana n'ebyetaago ebigobererwa awo nno okusomesa abaana okubeere nga kusaana ku buli mutendera.

1. Abaana nga bakula, beeyongera okugenda ebuziba mu bisomesebwa. Omusomesa w'Obuweereza bw'abaana ateekeddwa okubeera omwetegefu okukyuusaamu kubisomesebwa okusobola okugasa buli mutendera gw'abaana.

2. Emitendera abaana kwebayigira gitekeddwa okugattibwa ku nteekateeka y'ebyo ebiyigirizibwa eby'abaana.

3. Ensonga enkulu ezikwata ku ngeri abaana gyebayigamu;

   a. Abaana abato (emyaka 1-4)
      - Omusingi gw'okukkiriza gutekebwawo okuva mu ntandikwa y'obulamu.
      - Berowoozako bokka – bakubirize okugabananga n'abalala.
      - Babeera mu masanyu era ne mumazima, era nga tebanamanya njawulo- n'olwekyo teeka essira ku mazima ga Yesu ne Baibuli. (okugeza, "yesu waddala")
      - Baagala nyo okumanya – baleka bazuule nga bwebayiga
      - Balaba era bayizi baddala – beera mwerufu era okozese ebifaananyi nebyo ebiyamba okulaba.
      - Bayiga bulungi nga bamaze kulabako – muzanny yo olugero mu Baibuli.

   b. Abaana abato (emyaka 5-7)
      - Emisingi gy'okukkiriza gitekebwawo mu myaka 7 egisooka mubulamu- kola ebisikiriza ku mitima gy'abaana, kubanaga ekyo ky'ekibeerera.
      - Baagala okulabwawo – n'olwekyo batenderezenga ko
      - Beewulira nyo – bayambe obuteegerageranya nabalala. Okwagala kwa katonda kwa bonna.
      - Bassaayo omwoyo kaseera katono – edakiika 5-7 zokka awo nga bagenda ku kintu ekirala.
      - Baagala nyo ebyakati – somesa ebyo ebikola mubulamu kati.
      - Tebamanyi nyo byabudde nabwengula – kozesa eby'okulabirako ebikwatibwako ate ebyangu
      - Baagala nyo okuwangula era okubeera abasoose – muzannye omuzannyo gwa Baibuli nga buli omu asobola okubeera omuwanguzi mu Yesu

c. Abaana abakulu (myaka 8-11)
   - Okufaayo kwabwe kuwanvuko – basobola nyo okwenyikkira mu bisomesebwa.
   - Basobola nnyo okwerowooleza.
   - Tandika okubalaga obusobozi bwabwe mu bukulembeze – bawe batandika okukulembera okusaba, okusinza kw’abaana abato.
   - Enkola ennungi ey’ebyayita, ebiriwo, n’ebirijja – bayigirize olukalala lwa Baibuli.
   - Tandika okutegeera obubonero, nga bwebukozesebwa mu Baibuli – mukoleeyo olugero lwa Yesu era mulukubaganyeko ebirowoozo n’amakulu agalulimu

D. Teekawo ebigobererwa mu masomo ng’okozesa okukkiriza kwaffe okuli mu Baibuli ng’osinziira ku myaka, oba eddaala.
   Eby’okulabirako;
   1. Abatandika (myaka 5) – kwata essaala ya mukama waffe
   2. Eddaala 1 (myaka 6)  -  Yiga amateeka ekumi
   3. Eddaala 2 (myaka 7 ) – kwata essaala y’abatume
   4. Eddaala 3 ( myaka 8) – Yiga ensengeka y’ebitabo ebiri mu ndagaano empya
   5. Eddaala 4 (myaka 9) – Yiga ensengeka y’ebitabo ebiri ndagaano enkaddde
   6. Eddaala 5 (emyaka 10) – soma ku biseera ebiri mu Baibuli.

***Ai Katonda, ggwe wanjigirizanga okuva mu buto bwange; Era okutuusa leero naabuuliranga ebikolwa byo eby'ekitalo. Weewaawo, bwe ndiba nkaddiye era nga mmeze envi, ai Katonda, tondekanga; Okutuusa lwe ndibuulira amaanyi go emirembe egijja okubaawo, N'obuyinza bwo buli muntu agenda okujja***
***Zabuli 71:17-18***

Bino bikulu: Ebitabo ebiyigiriza abaana webiri okuva mu FaithLife Ministries. Ebiri mu Luzungu ku byuuma kalimagezi osobola okubisaba ku mutimbagano gw’ekibanja kino **www.faithlifeministrires.net**

# <u>Omulimu ku kuyigiriza abaana</u>

Teekawo enteekateeka ku lupapula ey'okuyigiriza abaana mu kanisa. Kozesa ebifo ebikulu mukusomesa, nga bwetwabirabye mu ssomo lyaffe, awamu n'ebitundu ebirala by'osobola okusalawo ( era nga ne somo bweeriyinza okukikola). Yawula ebiruubirirwa mu kuyigirizibwa ng'osinziira ku myaka, oba eddala mu somero.

**ENTEEKATEEKA Y'OKUYIGIRIZA ABAANA**

**Emyaka gy'abaana ne ddaala mu somero**

| | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| Ekirubirirwa Mukuyigiriza | | | | | | |
| Okusinza | | | | | | |
| Okuyiga Baibuli | | | | | | |
| Okusaba | | | | | | |
| Okugabana okukkiriza | | | | | | |
| ____________ | | | | | | |
| ____________ | | | | | | |
| ____________ | | | | | | |

**Essuula 6**

# Okuyigiriza abavubuka

***"Naye nsuubira mu Mukama waffe Yesu, okubatumira amangu Timoseewo, nange ndyoke ngume omwoyo, bwe ndimala okutegeera ebifa gye muli. Kubanga sirina muntu mulala alina emmeeme eyenkana n'ey'oyo, aligenderera ebya mmwe mu mazima. Kubanga bo bonna beenoonyeza byabwe ku bwabwe, si bya Yesu Kristo. Naye ekimutegeezesa mukimanyi, nga aweerezanga wamu nange olw'enjiri, ng'omwana eri kitaawe." - Abafiripi 2:19-22***

Timoseewo muvubuka omuto, okusinziira ku 1Timoseewo 4:12, ("***Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo;")*** Pawulo yatwala omuvubuka ono, Timoseewo, wansi w'ebiwawatiro bye, okumusomesa n'okukuza mu kukkiriza. Abavubuka b'ebaana abakuze, era okuyigiriza abavubuka, emirundi mingi kiyisibwamu amaaso, ng'abaana basuumuka okukula. Obuweereza bw'abavubuka (myaka 12 okuyita mu kaabuvubuka yenna), wetaagisaawo enkwata eyenjawulo, awonno omuvubuka alyoke ajje eri Yesu mungeri y'okwaka.

A. **Obuweereza bw'abavubuka obukola**

1. Obuweereza bw'abavubuka si:
   a. Kyakusanyusibwa
   b. Kidduula kisinga mu kibuga
   c. Mmere esinga mu kibuga
   d. Kukoppa nsi ngeri gyekolamu bintu

2. Obuweereza bw'abavubuka kitegeeza:
   a. Abavugibwa ekirubirirwa, so si ttutumu
   b. Abavugibwa ekirubirirwa ku lw'amakubo asatu
      - **WAGGULU** – okusoosa katonda munkolagana naye, n'okumuwa amatendo
      - **MUNDA** – okuzimba enkolagana nabuli muntu, okukuza okukkiriza kwaffe mu Kristo

- **WABWERU** – okunoonya emiwaatwa okugabanaokukkiriza kwaffe mu Kristo

c. **Biibino ebirungo mwenda 9 ebikola omuvubuka avugibwa ekiruubirirwa**
   1) Amaanyi ga mukama weegali
   2) Ekiruubirirwa kya katonda kirabikako
   3) Okugenda eri ekibiina ekituufu
   4) Entegeka eziraga obusukkulumu mu nteekateeka ne mukiruubirirwa.
   5) Emitendera egy'okutteeka awamu entegeka gikuuma ekiruubirirwa mu ndowooza.
   6) Eby'omuwendo ebitegekeddwa bibeera birambulukufu ate nga biberera.
   7) Abazadde bagambibwa bulungi ate oluusi beenyigiramu
   8) Abakulembeze abakyenyigiddemu bajja kubaawo era bakulembere mu sanyu
   9) Okulemerako n'okugoberera by'abuwaze.

## B. Okuzimbibwa kw'abaana abavubuse

Abantu abato mumyaka 1o-15 bayita munkyukakyuka ez'omuggunddu okusinga ebiseera ebirala byonna mubulamu bwabwe. (okukula mu bavubuka kweyongera , naye abavubuka tebafuddeeyo ku nkyukakyuka zino.) Ebitundu ebimu abavubuva byebakulamu byebino;

1. Enjawulu mu bibinja by'abwe
   a. Enkyukakyuka zibaawo buli kaseera
   b. Okuvubuka okuwulirwa mubiseera eby'enjawulo era mu ngeri ez'enjawulo
   c. Okumanyisibwa ku nkolagana y'abantu n'emirimu
   d. Olukisa lulabibwawo
   e. Olulimi olumu lugattako ku kumanyisibwa okwenjawulo oba ebisomooza.
2. Okufaayo ennyo ku ndabika ne kukifaanyi ky'omubiri
3. Okuyayaana okukkirizibwa mu banne
4. Abazadde beesigaliza obuyinza era nebakitwala mu maaso ng'ezimu kunsibuko y'ennono
5. Akaguwa k'endowooza kakyuka – n'obusobozi bw'okulowooza ennyo kulwabwe.

6. Embeera n’empuliziganya bitandika okuleeta enkyukakyuka ennene ku bulamu bwabwe.

C. **Abavubuka bayiga batya**

Emisingi gy’okukkiriza (mu katonda, oba mukintu ekirala kyonna), giteekebwawo mu myaka 7 egisooka mu bulamu. Ekiseera abayizi webayingirira mu buweereza bw’abavubuka ( ku myaka nga 12), baba n’enkola ey’okukkiririza mu kintu nga kisimbiddwa, mu mitima gy’abwe ne mundowooza. Ba nasayansi baakola okunoonyereza era nga kulaga nti abavubuka bayiga bulungi mubitundu bitaano (5).

1. <u>Abavubuka betaaga “okuwulira obulungi” nebalyoka bayiga bulungi.</u> Engeri omuntu gy’awuliramu y’ankizo nyo eri okuyiga kw’abavubuka. Embeera zaabwe zikolanga omukululo ogubakulembera okubatuusa mu mbeera ennungi so si embi.

2. <u>Abavubuka kibanguyira okuyiga singa ebisomesebwa bibeera bibakwatako.</u> Obwongo busobola okweggala singa abayizi basomesebwa obubaka obutabayamba kubatuusa ku kiruubirirwa ky’abwe.

3. <u>Kyangu nnyo abavubuka okuyiga singa embeera gyebalimu ebasanyusa.</u> Okwenyigiramu kw’abayizi mu kiseera eky’okuyiga kwetagisa. Obwongo bw’abayizi bubeera bugguliddwawo eri okumanya ebintu ebitabedde biramu mubo oba tekitwala birowoozo by’abwe. Okwenyigiramu mu kusoma, oba “okukwatako” nga bwoyiga kuyamba.

4. <u>Abavubuka betaaga okukola ku bukugu bwabwe buli kiseera.</u> Obumanyirivu bw’omuvubuka , buli kiseera buleeta enkwatagana mu bwongo. Enkwatagana zino emirundi egisinga zinywezebwa ate ezimu zinafuwa. Okuyiga kwetaaga okuteekebwa munkola bulijjo. Nga bwekigambibwa –“ kikozese oba kifiirwe.”

> ***“ Naye ggwe beeranga mu ebyo bye wayigan'otegeerera ddala, ng'omanyi bakuyigiriza bwe bali; era ng'okuva mubuto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinza okukugeziwazaokuyingira mu bulokovu olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu.” – 2Timoseewo 3:14-15***

5. **Okuyiga kw’abavubuka kwetaagisa obuwagizi buli kaseera.** Okubeera n’obuwagizi ne gwolabirako kiyamba okuyiga okuteekebwa mu nkola era n’okufunzibwa okutuusa ku bumanyirivu bwabuli sekinnomu. Okugenda mumaaso kusobola okupimibwa singa abayizi babeera batendekeddwa okuyita mu mitendera gy’okuyiga. Okuzaamu amaanyinakyo kyetaagisa ol’wokubakuza nga beekakasa.

   ***“ Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo; naye beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu kwogeranga, mu kutambulanga: mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu Okutuusa lwe ndijja, nyiikiranga mu kusoma, n'okubuuliriranga, n'okuyigirizanga. Tolekanga kirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa olw'obunnabbi awamu n'okuteekebwako emikono gy'abakadde Ebyo obiroweozenga, obeerenga mu ebyo; okuyitirira kwo kulabikenga eri bonna. Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo. Nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'otyo, olyerokola wekka en n'abo abakuwulira.”***
   **– 1Timoseewo 4:12-16**

D. **Ebingenderewa by’eggulu mu kuyigiriza abavubuka.**

1. Okuteeka munkola okukkiriza kwabwe okw’ekikristaayo mu buli kintu eky’obulamu bwabwe.
   a. Okusinza – Okutendereza katonda n’ekigambo n’okuyimba
   b. Okusaba - okunyumya ne Kristo
   c. Okukungaana - okuzimba emikwano emiKristaayo
   d. Okuyiga Baibuli – okuyiga ekigambo kya katonda n’okukiteeka mu nkola mubulamu bwaffe obwabulijjo
   e. Obuweereza – okuweereza abalala, awo okwagala kwa katonda kulabibwe bonna.
   f. Okubuulira enjiri – okugabana enjiri n’abatali balokole

2. Okwogera ku nsonga enkakali
   a. Emiganyulo gy’okweyisa obulungi (obutukuvu,entandikwa empya)
   b. Ebiva mu kweyisa obubi (ebiragalalagala, omwenge, okwegadanga, n’obutabanguko)
   c. Teeka essira ku njawulo wakati w’ekikemo n’ekibi
      - Ekikemo ye setaani ng’akonkona ku luggi

- Ekibi kibeerawo singa omuntu agulawo oluggi nayaniriza omulabe
- Gabana ebyawandiikibwa okugeza;
  "***Siwali kukema okubakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukira; mulyoke muyinzenga okugumiikiriza."***
  **-1Abakkolinso 10:13**

  ***"Kale mujeemulukukirenga katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabaddukanga." – Yakobo 4:7***

d. *Okukola okusalawo okulungi, nga;*
   - Okusala omusango obulungi ***(laba Zabuli 119:9,11)***
   - Embavu *(laba* ***Abafiripi 4:13)***
   - Ekitiibwa *(laba* ***Abaruumi 12:9-11****)*
   - Okwekomako *(laba* ***1Abasessaloniika 4:3,4****)*

3. Okufuuka abakulembeze ku lwa Kristo
   a. Noonya okukula mu mwoyo – sooka oyige, awo osomese abalala abapya mu kukkiriza.
   b. Beera n'omutima ogw'ekiweereza – noonya abantu n'ebifo ebyetaaga obuyambi
   c. Zimba obukugu mu bantu - beera muwulize mulungi, wagira okolera awamu, era oziyize ebizibu.
   d. Yiga okukulembera okusinza, okusaba, era n'okuyigiriza Baibuli – mu buweereza bw'abavubuka
   ***e.*** Abavubuka babeera bayigirizwa bato abayiga okufuuka abayigiriza. Eddimu eddene ( mu **Matayo 28:19-20**) lifuuka kitundu ku bbo: "***Mugende mufuule abayigirizwa…… nga mubayigiriza okugondera buli kyembalagidde…"***

E. **Okuzimba omulembe oguddawo mu bakulembeze be kanisa**

1. Abakulembeze benkya bebavubuka baleero
   a. Abakulembeze mu kanisa ya leero bapangibwa mu 1950, 1960, 1970
      - Olutalo lw'ensi yonna 2,
      - Emigaso gy'obugonvu, n'obuvunannyizibwa

b. Abakulembeze benkya bakolebwa mu 1980, 90 ne kati
    - Enkizo mu by’obufuzi, n’obutujju
    - Emigaso gy’okweyagaliza, okusomooza obuyinza,era n’okunenya abalala.

c. Tetusobola kukiyimiriza kubaawo, naye tusobola okumatiza abo abanabeera mu bukulembeze

2. Abavubuka kyebatayagala leero bajja kukikyusa enkya.
    a. Abavubuka batwalibwa nnyo ebitagasa okusinga ebigasa
        - Sibeekakafu n’ekyo kyebaagala, naye bamanyi bye batayagala
        - Bajja kwagala okukyusa ekyo kye batayagala

    b. Buli mulenbe gwagala okusinga ku mukadde ogubaddewo
        - Waliwo ebintu ebigenda mu maaso okuvumbulwa mu ngeri zendowooza.
        - Buli mulembe gwagala okubaako ne kyegwongerako ku buwangwa

3. Somesa abavubuka ennono za Baibuli, so si buwangwa bwa kanisa
    a. Teeka amaaso ku mazima agenkomeredde, so si nzikiriza ez’ekiseera
    b. Leka amaanyi g’ekigambo gabawalule, so si buwangwa oba ebikolebwa
    c. Leka ebikolwa byaffe bisalibwengawo ebyawandiikibwa, so si birowoozo by’abantu

**Bwetuba nga twagala okukyusa ebiseera ebby’omumaaso, tuteekeddwa okukyusa abavubuka ba leero**

Jukira omugaso gwa mukama eri abavubuka, katonda yalonda Daudi mubaganda be bonna, okuba kabaka**.**

**“*Mu biro biri wagambira abatukuvu bo mu kwolesebwa, N'oyogera nti Ntadde obuyambi ku muntu ow'amaanyi; Ngulumizizza omuntu eyalondebwa mu bantu. Ndabye Dawudi omuddu wange; Mmufuseeko amafuta gange amatukuvu: Engalo zange zinaanywezebwanga gy'ali; N'omukono gwange gunaamuwanga amaanyi”. – Zabbuli 89:19-22***

# Omulimu ku kuyigiriza abavubuka

Kola olukalalalw'ensonga enkulu ezinayamba ekanisa yo mu buweereza bwababavubuka.

- ______________________________
- ______________________________
- ______________________________
- ______________________________
- ______________________________
- ______________________________

Mukubaganye ebirowoozo ku nsonga y'okukuzaamu obuweereza bw'abavubuka mu kanisa yo.

______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________
______________________________

**Essuula 7**

# Okufuula abasajja abayigirizwa

***"kubanga Ibulayimu talirema kufuuka ggwanga ddene ery'amaanyi, era amawanga gonna ag'omu nsi galiweerwa omukisa mu ye. Kubanga kyennava mmumanya, alyoke abalagire abaana be n'ennyumba ye eriddawo, okukwatanga ekkubo lya Mukama, okukolanga eby'obutuukirivu n'eby'ensonga; Mukama alyoke aleete ku Ibulayimu bye yamwogerako."***
**Olubereberye 18:18-19**

Mu lubereberye katonda yawa omusajja obuvunanyizibwa obw'obukulembeze mu maka, mu kanisa ne mubyalo okutwaliza awamu. Mundagaano enkadde, Baibuli ekirambika lwatu nti omusajja ye yasooka okutondebwa mungeri ya Adamu, era Kaawa yakolebwa ng'amuyambi eri Adamu(**Lubereberye 2:18).** Mu ndagaano empya abasajja baweebwa obuvunnanyizibwa okubeera emitwe mu maka gaabwe era balina okwagala bakyala baabwe nga Kristo bweyayagala ekanisa (**Abaefeso5:23).** Munsengeka y'ebitibwa mu katonda, omusajja ateekebwa mukifo ky'obukulembeze, n'olwekyo ky'amakulu batendekebwenga okufuuka abakulembeze ab'omwoyo. Buvunanyizibwa bwa ba taata okuyigiriza abaana baabwe era ne kanisa bwetyo eteekeddwa okwenyigira mu mitenderw gy'okuyigiriza abasajja basobole okujjuzibwa era n'okubawagira ku lw'omulimu ogwo. Abasajja bangi bayosa okugenda mu kanisa kubanga balaba nga obuvunanyizibwa bwabwe obusookera ddala mirimu okusobola okugabirira amaka gaabwe. Naye obukulembeze obw'omwoyo bwamugaso nnyo okusingako awo, n'olwekyo abasajja bateekeddwa okuyigirizibwa ku buvunnanyizibwa buno. Ogwo gwe mulamwa mu suula eno.

**A. Abasajja balina omulimu mu nteekateeka ya katonda**

1. Okubeera abakulembeze
   "***Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, bw'ali omulokozi ow'omubiri yennyini." – Abaeffeeso 5:23***

   a. Amaka

b. Ekanisa
c. Eggwanga
d. Ensi

2. Okubeera abagabirizi
***"N'agamba Adamu nti Kubanga owulidde eddoboozi lya mukazi wo, n'olya ku muti gwe naakulagira nga njogera nti Togulyangako: ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu kutegana mw'onoggyangaebyokulya enaaku zonna ez'obulamu bwo."*** – **Olubereberye 3:17**

   a. Okukola
   b. Okuwagira mu byetaago by'awaka.

3. Okubeera abasomesa
"***Nammwe, bakitaabwe, temusuaguwazanga baana bammwe: naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe."*** – **Abaefeeso 6:4**

   a. Okusikiza amagezi
   b. Okusikiza okukkiriza

**B. Kikaluba nnyo Okutuukirira abasajja mu bu Kristaayo**

1. Setaani aluba bakulembeze
***"mutunulenga,mwekuume omulabe wammwe setaani, atambulatambula ng'empologoma enjala gy'eruma egenda ng'ewuluguma ng'enoonya gw'eneerya***." – **1peetero 5:8**

   a. Bwolumba omusajja, obeera olumbye kanisa
   b. Bwolumba omusajja , obeera olumbye maka

2. Abasajja kyakulabirako eri abaana
"***N'agamba abayigirizwa be nti Tekiyinzika ebisittaza obutajja; naye zimusanze oyo abireeta! Waakiri oyo okusibwa olubengo mu bulago bwe, okusuulibwa mu nnyanja, okusinga okusittaza omu ku abo abato***." – **Lukka 17:1-2**

   a. Abaana batunuulira abasajja ne ba taata ng'ekyokulabirako kyabwe mu neeyisa.
   b. Abasajja balina enkizo nnene okusinga ebigambo byabwe

3. Abasajja kyakulabirako eri ekitundu
   “***Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo. Nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'otyo, olyerokola wekka  n'abo abakuwulira.”***
   – **1Timoseewo 4:16**

   a. Abasajja batunuulira abakulembeze ku kitundu okulaba engeri y;okweyisaamu.
   b. Ekitundu kye kikkiriza emirundi egisinga ky’abulabe nyo okusinga eteeka kyerikkiriza.

**C. Ebiziyiza n’ebisoomoza mu kutuukirira abasajja.**

1. Abasajja beemalirira bokka
   a. Baagala nyo okubeera nag be bafuga
   b. Baagala nyo okukola okusalawo kw’abwe.
   c. Baagala okwekolera ku mirimo gy’abwe.
      - Tebasaba buyambi oba ndagiriro
      - Bakkiriza nti basobola okweyisa mu buli mbeera.

2. Abasajja bafaayo era baagala nnyo okukola
   a. Besaanyiza era nebazuula okuva mu mirimu gy’abwe
      - Emirimu gy’abwe giraga kyebali
      - Bwebafiirwa emirimu gy’abwe, bafirwa ekibannyonyola

   b. Balaba omugaso gw’abwe omukul nga kwekugabirira amaka
      - Ennyingiza
      - Awaka/ ennyumba

3. Abasajja basisinkana ebikemo bingi
   “***Siwali kukema okubakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukira; mulyoke muyinzenga okugumiikiriza,”*** – **1Abakkolinso 10:**13

   **a.** Okwegadanga
      - Okumatizibwa mu mubiri
   **b.** Sente
      - Okumatizibwa  mu bugabirizi
   **c.** Amaanyi
      - Okumatizibwa  mubukulembeze

**D. Obukodyo bw’okuyigiriza abasajja**

1. Tondawo enkolagana
   a. Ez’awamu
      - Ebigendererwa ebifaanagana (okugeza, ebyettanirwa, okwesanyusa, nebirala)
      - Ebikolebwa eby’omubiri
   b. Eby’emizannyo
      - Okwenyigira mu bibinja ebizannya
      - Okubeerawo oba okulaba ebikolebwa

   c. Ebikwata ku by’emirimu
      - Enkwatagana mu by’emirimu
      - Ebye’enjigiriza oba okukozesa obukugu mu buweereza

2. Somesa obuyinza mu byawandiikibwa
   a. Okuyitibwa kw’omuntu n’ekirubirirwa
      “***Buli muntu eyatuumibwa erinnya lyange era gwe nnatondera ekitiibwa kyange; nze namubumba; weewaawo, namukola.”***
      – **Isaaya 43:7**

   b. Omuntu tasobola kuweereza baami babiri
      “***Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri: kuba oba anaakyawanga omu, n'ayagalanga omulala; oba anaanywereranga ku omu, n'anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza Katonda ne mamona.”*** **– Matayo 6:24**

3. Teekawo emyagaanya
   a. Entuula z’abaami (buli mwezi)
   b. Okuyiga Baibuli  (buli wiiki)
   c. Okulambula kw’abasajja (buli mwaka)
   d. Emizannyo gy’abasajja (omupiira, okuwuga, okuvuba n’ebirala)
   e. Ebivvulu by’obuweereza
      - Ebivvulu by’abasajja abalokole (okugeza – Abakuumi b’ekisuubizo mu America)
      - Awakuumirwa abantu ( okuzimba amaka)
      - Okuliisa bakateyamba

f. Ebintu ebigassaganya abasajja
    - Okutambulako kwa taata/mutabani oba taata/muwala
    - Okubeerawo ku mizannyo nga omupiira, ensero
    - Ebivvulu by'abalokole n'obubaga

4. Tuukirira omusajja sekinoomu
   a. Mwanirize nga ye yekka
      - Abasajja tebamala gagenda ku mikolo, okujako ngawaliwo agenda gwebamanyi
      - Abasajja tebamala gaanukula kiyitibwa kwonna

   b. Faayo okukuza abasajja abalala
      - Nokolayo abasajja booyagala okuyigiriza
      - Kakasa nga obayita okugenda naawe

5. Tondawo ebintu ebikwata ku miramwa egisa abasajja mu byebaagal oba byebayitamu.
   a. Emirimu
   b. Amaka
   c. Okugasa
   d. Obuwanguzi
   e. Okukkiriza
   f. Ebikemo

# <u>Omulimu ku kuyigiriza abasajja</u>

1. **Waayo ebirubirirwa bitonotono olw'okuyigiriza abasajja mu kanisa yo oba obuweereza:**
   1) ____________________
   2) ____________________
   3) ____________________
   4) ____________________
   5) ____________________

2. **Wandiika ebimu kubintu ebirina okukolebwa okukuyamba okutuuka ku birubirirwa by'owandiise waggulu**
   1) ____________________
   2) ____________________
   3) ____________________
   4) ____________________
   5) ____________________
   6) ____________________
   7) ____________________
   8) ____________________
   9) ____________________
   10) ____________________

3. **Nkola ki zoyinza okuteekawo oba okukozesa okuyigiriza abaami mu kanisa yo ob mu buweerza?**
   1) ____________________
   2) ____________________
   3) ____________________
   4) ____________________
   5) ____________________

**Essuula 8**

# Okuyigirizibwa kw'abakazi

***"N'abakazi abakadde bwe batyo mu kifaananyi kyabwe nga beewombeeka, si abawaayiriza, so si abafugibwa omwenge omungi, abayigiriza ebirungi; balyoke beegenderezesenga abakazi abato okwagalanga babbaabwe, okwagalanga abaana baabwe, okwegenderezanga, okuba n'obulongoofu, okukolanga emirimu mu nnyumba zaabwe, okuba n'ekisa, okugonderanga babbaabwe, ekigambo kya Katonda kiremenga okuvumibwa:" – Tito 2:3-5***

Abakazi baagala nyo eby'okuweereza, era ekyennaku amakanisa mangi geesigama nyo ku bakazi mu by'okuweereza (okugeza, okukuba ennanga, okusomesa abaana,  okulabirira abaana abato ennyo, okuweereza emmere, okulongosa emikolo nga giwedde, n'ebirala.) Tusobola okuulaba okuva mu kitabo kya Tito waggulu, ky'amugaso okukuza  okukkiriza kw'abakazi, balyoke basobole okuwagira n'okugabana ekigambo ky'akatonda.

## A. Eby'okulabirako mu Baibuli mu kuyigiriza abakazi

1. **Abakazi bayambi**
   Olubereberye 2:18 **– "*Mukama Katonda n'ayogera nti Si kirungi muntu okubeeranga yekka; n'amukolera omubeezi amusaanira."***

   a. Abakazi baatondebwa n'ekirabo ky'okuyamba
   b. Kisaanidde abakazi okukolera awamu okuyamba abasajja

2. **Abakazi abatya katonda bateekeddwa  okubeera ab'ekigera**
   *1Timoseewo 2:9* - ***Bwe batyo n'abakazi beeyonjenga mu byambalo ebisaana, n'okukwatibwa ensonyi n'okwegendereza; si mu kulanganga enviiri, ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi; naye (nga bwe kisaanira abakazi abeeyita abatya Katonda) n'ebikolwa ebirungi."***

   a. Abakazi bateekeddwa okubeera ab'ekigera mundabika yabwe
   b. Mukifo ky'engoye ezebeeyi, abakazi balina okwambala ebikolwa ebirungi.

3. **Abakazi bagoberezi ba Yesu**

   Matayo 27:55 – "***Waaliwo n'abakazi bangi abaayimirira ewala nga balengera, abaayitanga ne Yesu okuva e Ggaliraaya, abaamuweerezanga:"***

   a. Abakazi nabo baagoberera yesu, era baaliwo okulabiriranga eby'etaago bye.
   b. Abakazi beewangayo ew'omulokozi n'ekirabo kyabwe eky'okuyamba.
   c. Abakazi baalingawo okutwala ebigambo bya yesu era n'okukula mu kukkiriza.

4. **Abakazi balina okufaayo ku nsonga ez'omwoyo**
   Lukka 10:38-42 – **"*Awo bwe baali bagenda, n'ayingira mu kyalo: omukazi erinnya lye Maliza n'amusembeza mu nnyumba ye. Naye yalina muganda we ayitibwa Malyamu, eyatuulanga awali ebigere bya Mukama waffe n'awuliranga ekigambo kye. NayeMaliza yabanga n'emitawaana egy'okuweereza okungi; n'ajja w'ali, n'amugamba nti Mukama wange, tofaayo nga muganda wange andese okuweereza nzekka? kale mugambe annyambe. Naye Mukama waffe n'addamu n'amugamba nti Maliza, Maliza, weeraliikirira, olina emitawaana egy'ebigambo bingi; naye ekyetaagibwa kiri kimu: kubanga Malyamu alonzeewo omugabo ogwo omulungi ogutalimuggibwako."***

   a. Malyamu yawuliriza yesu bweyasomesa,era ekyo ky'akulabirako eri abakazi
   b. Yesu yatuyigiriza nti, n'abakazi balondawo bulungi okuwulira ekigambo kya katonda, okusinga emitawaana egibamalawo oba okubeera abaweereza ababuzaabuziddwa.

5. **Abakazi balina okuba abamalirivu mu kukkiriza**
   Matayo 15:21-28 – "***Yesu n'avaayo, n'agenda ku njuyi z'e Ttuulo n'e Sidoni. Kale, laba, omukazi Omukanani n'ava ku mbibi eyo, n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Onsaasire Mukama wange,***

***omwana wa Dawudi; muwala wange alwadde nnyo dayimooni. Naye n'atamuddamu kigambo. Abayigirizwa be ne bajja ne bamwegayirira, nga bagamba nti Musiibule; kubanga atuleekaanira emabega. Naye n'addamu n'agamba nti Saatumibwa wabula eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri. Naye n'ajja, n'amusinza, ng'agamba nti Nlukama wange, mbeera. N'addamu n'agamba nti Si kirungi okuddira emmere y'abaana n'okugisuulira obubwa. Naye n'agamba nti Weewaawo, Mukama wange: kubanga n'obubwa bulya obukunkumuka obugwa okuva ku mmeeza ya bakama baabwo. Yesu n'alyoka addamu n'amugamba nti Ggwe omukazi, okukkiriza kwo kunene: kibeere gy'oli nga bw'oyagala. Muwala we n'awona okuva mu kiseera ekyo."***

a. Omukazi omukanani yalemerako, nga muwombeefu, era nga mumalirivu n'okukkiriza okutayuugayuuga
b. Yesu yagamba nti omukazi yalina okukkiriza okunene era kino ky'akulabirako eri abakazi baaleero.

6. **Abakazi balaga okwagala kw'abwe eri mukama**
**Lukka 7:37-38, 44-47 -** ***Kale, laba, omukazi eyali mu kibuga omwo, eyalina ebibi, bwe yamanya ng'atudde ku mmere mu nnyumba ey'Omufalisaayo, n'aleeta. eccupa ey'amafuta ag'omugavu, n'ayimirira emirannamiro ku bigere bye ng'akaaba, n'atanula okumutonnyeza amaziga ku bigere bye n'abisangula n'enviiri ez'oku mutwe gwe, n'anywegera ebigere bye n'abisiiga amafuta ago….N'akyukira omukazi oyo, n'agamba Simooni nti Olaba omukazi ono? Nnyingidde mu nnynmba yo, n'otompa mazzi ga bigere byange: naye ono atonnyezza amaziga ge ku bigere byange, n'abisiimuuza enviiri ze. Tonnywegedde ggwe: naye ono we nnaakayingirira tannalekayo kunywegera bigere byauge. Tonsiize mafuta ku mutwe gwange: naye ono ansiize amafuta ag'omugavu ku bigere byange. Kyenva nkugamba nti Asonyiyiddwa ebibi bye ebingi kubanga okwagala kwe kungi; naye asonyiyibwa akatono, okwagala kwe kutono"***

a. Omukazi omwonoonyi eyayiwa ku Yesu amafuta, yasaddaaka kyonna kyeyalina kulwa Yesu.
b. Akalombolombo kaali nti, mafuta matono gegayiibwa ku mutwe.
c. Eky'okulabirako ky'omukyala ono kwekubeera omuggufu eri obusaasizi ku lwa Yesu.
d. Yesu yamukozesa ng'ekyokulabirako kubanga okwagala kwe kwali kwaddala.

7. **Abakazi bakulembeze**
   **Ebikolwa 16:14-15, 40 – "*Awo omukazi erinnya lye Ludiya, omutunzi w'engoye ez'effulungu, wa mu kibuga Suwatira, eyasinzaaga Katonda, n'atuwulira: Mukama waffe n'amubikkula omutima gwe okuwuliriza Pawulo bye yayogera. muyingire mu nnyumba yange mubeere omwo. N'atuwaliriz…Ne bafuhuna mu kkomera, ne bayingira mu nnyumba ya Ludiya, ne balaba ab'oluganda ne babasanyusa ne bavaayo".***
   a. Abakazi basobola okubeera abakulembeze be by'omunnyumba
   b. Abakazi basobola okubeera abakulembeze mu nzikiriza.

8. **Abakazi balina embala y'obwegendereza (**laba **Engero 31:10-31)**
   a. Omukazi omwegendereza aleeta obulungi eri bonna
   b. Akola nnyo n'okufaayo, naafuna, era sente ze naziteeka mubintu ebizaala amagoba
   c. Ayamba abaavu ne bakateyamba, ng'alaga amaanyi n'ekitiibwa.
   d. Mugezi era alagira abalala.
   e. Ennyumba ye emusaamu ekitiibwa, era awa katonda ekitiibwa.

**B. Ebiziyiza n'ebisoomoza mu kuyigiriza abakazi**

1. Abakazi basobola okwemalirira, okusinga okwesigama ku balala.
2. Abakazi emirundi egisinga be basaale ennyo mu kulabirira abaana, era ba ndyetaaze okuleeta abaana baabwe mu mirimu n'emisomo gy'abakazi.
3. Abakazi abalina enkolagana era balaga obwegendereza mu nsonga z'enkolagana.

4. Abakazi basisinkana ebisuubirwa mu buwangwa (obulungi, emisono, ekigera n'ebirala)
5. Abakazi balina okwenkanyankanya obudde bwebawa amaka n'emirimu. Ebimu ku bisoomoza mulimu, okufuna sente, okulabirira amaka, obulwadde, n'okukuuma ebiseera.
6. Abakazi basisinkana ekibi ekyekuusa ku lugambo, obukulupya, ennugu, n'okusala emisango.
7. Abakyala batunuulira obuwereza obwenjawulo obwo obukwata ku nsonga zaabwe n'ebisoomoza byebasisinkana mu bulamu.

**C. Ebitundu ebirina okuteekebwako essira mu kuyigiriza abakazi**

1. Okuyiga Baibuli
2. Obuweereza obw'okukungaana
3. Obubinja bw'okusaba
4. Okuteeka amaanyi mu kufuuka abaweereza
5. Ebibiina ebyenjawulo (abakazi gyebakolera ebintu ebifaanagana)
6. Okwewagala (mukazi ku mukazi)
7. Okubuulira enjiri

**D. Endowooza eri ebibiina by'obuweereza bw'abakazi**

1. Ebibinja ebigenda mu maaso
   a. Ba maama abakola – ba maama abalina emirimu
   b. Abakuzeemu - ba maama abalina abaana abakuze
   c. Emikono egiyamba – okuweereza eby'etaago mu kanisa oba ebweru mu kitundu.
   d. Ekibiina kya ba maama abali bokka nga tebalina baami.
   e. Okuwonya kuyamba – abakazi abali mu bulwadde oba abo abali mubulumi bw'okufiirwa
   f. Ebibinja by'abasinza (okuyimba, emizannyo, katemba nebirala)

2. Obuweereza bw'ebivvulu
   a. Okunywamu ka chayi kwa Maama/muwala
   b. Ebisakaate/ okutambulamu
   c. Okuzuula ebirabo byo eby'omwoyo
   d. Enkungaana ezenjawulo mu luwummula

e. Eby’emizannyo – okwenyigiramu, oba okubiraba

**E. Okuteekawo omulamwa gw’obuweereza bw’abakazi**

1. Nga gu kwaata ku kitundu – okwerabiriranga
2. Okusimbibwa mu kigambo kya katonda – okuyigiriza eby’awandiikibwa
3. Abasabi abalwannyi – essaala etasirika
4. Okutuukirira abatannaba kulokoka
5. Okusikiriza omulembe oguddako ogw’abakazi
6. Okuweereza abo abali mu bwetaavu
7. Okugulumiza omulokozi
8. Okujjuza abatukuvu
9. Okukula mu kukkiriza
10. Okuwulira ammanyi g’omwoyo omutukuvu – okuleetawo enjawulo mu bulamu bw’abakazi

“***Omukazi omwegendereza ani ayinza okumulaba? Kubanga omuwendo gwe gusinga wala amayinja amatwakaavu. Okuganja kulimba n'obulungi tebuliiko kye bugasa: Naye omukazi atya Mukama ye anaatenderezebwanga”.***

***Engero 31:10, 30***

# **Omulimu ku kuyigirizibwa kw'Abakazi**

Kolayo obuwandiike oba okole entegeka eri obuweereza bw'abakazi, ng'oyanukula ebibuuzo bino wammanga. Kubaganya ebirowoozo ne banno

1. Teekawo omulamwa gw'obuweereza bw'abakyaala mu kanisa yo.

2. Biruubirirwa ki by'olina eri okuyigiriza, n'okukula mu mwoyo kw'abakazi?

3. Nnyonyola entegeka ezitakka wansi wa bbiri (2) ez'abakazi ezisobola okutandikibwawo ku kanisa yo. Wa omugaso gw'abuli emu, era n'abakulembeze abasola n'abayambi.

**Ekitundu 3**

# Okuyigirizibwa kw'ekanisa



**Essuula 9**

# Okuteekateeka eby’okuyigiriza

***“Emirimu gyo giterese Mukama, N'ebirowoozo byo binaanywezebwanga”***
***- Engero 16:3***

Eddimu eddene Yesu lye yawa abayigirizwa be mu Matayo 28:19 lyali nti “***Mugende mufuule abayigirizwa munsi zonna.”*** Kino kikola eri ffenna neleero. Kino kye kigendererwa ky’ekanisa era y’ensonga lwaki weeri. Noolwekyo bwekubanga okufuula abayigirizwa ky’ekiruubirirwa ky’ekanisa, awo nno ekanisa eteekeddwa okubeera n’entegeka ey’okukituukiriza. Emirundi egisinga, amakanisa gafaayo nnyo ku bintu byebasuubira nti bye binaakola abayigirizwa, naye tebatera kuteekawo ntegeka okulikola. Ky’amugaso nnyo ekanisa okubeera n’entrgeka enebayamba okufuula abayigirizwa, era n’okukola ku bintu ebinazaala ebibala. Era kitegenza nti batekeddwa okuteekawo ebipimo era bakungaanye obubaka oba obubonera obulaga nti waliwo ekigenda mu maaso mu kufuula abayigirizwa oba tewali. Awatali biruubirirwa, entegeka, n’ebipimo, ekanisa tejja kusobola kumanya oba waliwo okufuulibwa okugenda mu maaso.

A. **Okufuula abayigirizwa  ky’ekiruubirirwa ky’ekanisa**

**1.** Yesu yatugamba mugende mufuule abayigirizwa
   a. Teri ky’amugaso okusinga ekyo
   b. Ekyo Yesu kyeyasinga okukola mubudde bwe obusinga mu buweereza.

2. Okufuulibwa omuyigirizwa kiri mu mitendera
   a. Mulimu amadaala mangi
   b. Kitwala obudde
   c. Kibeera ky’amuntu sekinnoomu
   d. Kirimu okwennyigiramu

3. Ekanisa yonna eteekeddwa okuba n'entegeka y'okufuula abayigirizwa
    a. Okuyita mu mitendera
    b. Okupima ebivuddemu
    c. Okubeera n'ekinyusi
    d. Bw'olemererwa okuteekateeka obeera oteekateeka kulemererwa – Dr Robert Schuller.

4. Okufuula abayigirizwa kwekolako kwokka.
    a. Abayigirizwa bebakola abayigirizwa
    b. Omutendera gw'okufuula abayigirizwa kubeera tugujjudde okutuusa nga waliwo omulala afuuliddwa omuyigirizwa.

B. **Obubonero bw'okuyigizibwa**

Omuyigirizwa afaanana atya? Buubuno obubonero 7 obulina okutunuulirwa

**1. <u>Okusinza</u>**

"***Naye n'amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'amutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna". Matayo 22:37***

a. Omuyigirizwa atwala katonda nga y'asiinga byonna
b. Omuyigirizwa bulijjo awa katonda ekitiibwa
c. Omuyigirizwa abeerawo mu kusinza

**2. <u>Okuyiga Baibuli</u>**

***"Buli ekyawandiikibwa kirina okulu**amya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi" -2Timoseewo 3:16-17***

a. Omuyigirizwa bulijjo ayiga amakubo ga mukama
b. Omuyigirizwa anoonya amagezi ga katonda
c. Omuyigirizwa atunuulira ekigambo kya katonda nga ky'ekyokuddamu kyalina

3. **<u>Okusaba</u>**
“***Musabenga obutakoowa*** *”* **- 1Abasessalonika 5:17**

    a. Omuyigirizwa bulijjo ayogerezeganya ne katonda
    b. Omuyigirizwa abeera mu Mwoyo
    c. Omuyigirizwa anoonya okwagala kwa katonda eri obulamu bwe

4. **<u>Okuweereza</u>**
“***Kale, baganda bange abaagalwa, munywerenga obutasagaasagana, nga mweyongeranga bulijjo mu mulimu” – 1Abakkolinso15:58***

    a. Omuyigirizwa aweereza mubiri gwa Kristo
    b. Omuyigirizwa anoonya engeri y’okuweerezamu abalala
    c. Omuyigirizwa agoberera ky’akulabirako kya Yesu

5. **<u>Obumisani n’obujulirwa</u>**
“***Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, natnmwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi” – Ebikolwa 1:8***

    ***a.*** Okuyigirizwa abuulira abalala mukama by’akoze
    ***b.*** Omuyigirizwa agenda eyo mukama gy’amulungaamya
    ***c.*** Omuyigirizwa afuula abayigirizwa abalala.

6. **<u>Okukkiriza</u>**
“**Tutambula lwa kukkiriza, so si lwa kulaba**” – **2 Abakkolinso 5:7**

    a. Omuyigirizwa abeerawo lwa kukkiriza
    b. Omuyigirizwa yeesiga katonda
    c. Omuyigirizwa alaba okukungaana nga kitundu ku kukkiriza kwe.

7. **<u>Okukungaana</u>**
   ***"Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n'ebitundu byagwo, buli muntu"***
   – **1 Abakkolinso 12:27**

   a. Omuyigirizwa yenyigira mu bulamu bwe kanisa
   b. Omuyigirizwa ayayaana okubeera, era n'okuwagira abakristaayo abalala
   c. Omuyigirizwa alaba nga okukungaana kitundu ku kukkiriza kwe.

C. **Okuteekawo omutendera gw'okuyigirizibwa**

Salawo omutendera ogunakozesebwa mu kuyigiriza. Eky'okulabirako:

Eddaala 1: Okuyitibwa okusisinkana era okwaniriza **<u>Yesu</u>**.

- Okwanirizibwa ku kanisa
- Okwanirizibwa mu kuyiga Baibuli okeera ewaka
- Leka bawulire okeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu mu kitundu
- Bakubirize okwatula okukkiriza kwabwe mu lujjudde

Eddaala 2: Bateeke mu **<u>kuyiga Baibuli</u>**

- Okubeera mu kibiina ky'abakalokoka
- Kubiriza okusoma Baibuli buli lunaku
- Okwennyigira mu kuyiga Baibuli okwenjawulo mu kanisa oba awantu awalala wonna.

Eddaaala 3: Obulamu obw'**<u>okusaba</u>**

- Teekawo okuyiga okusaba
- Beenyigire mu buweereza bw'okusaba

Eddaala 4: Bateeke mu **<u>kuweereza</u>**

- Leka baweereze mu kanisa mubiti ebyenjawulo
- Kozesa ekirabo ky'Omwoyo okusalawo ekibagwanira

Eddaala 5: Beenyigire mu **buweereza**

- Bawe omukisa gw'okutambulako mu njiri
- Teekawo okutendekebwa mu kubuulira enjiri
- Okwennyigira mu buweereza kuzimba okukkiriza n'obuvumu

D. **Salawo ebipimo by'okuyigirizibwamu**

**1.** Teekawo ekipimo ku buli kabonero k'okuyigirizibwa
   a. Abazze okusinza ku buli kikumi
   b. Okuyiga Baibuli – ye oba nedda, bameka, mirundi emeka
   c. Okusaba – ye oba nedda, mirundi emeka
   d. Okuweereza – ye oba nedda, mirundi emeka
   e. Obumisani – ye oba nedda, mirundi emeka
   f. Okukkiriza – kunafu oba kw'amaanyi
   g. Okukungaana – yeenyigiramu ye oba nedda, mirundi emeka

2. Kungaanya obubaka ku buli kintu
   a. Empapula z'abazze mu kibiina
   b. Obukonge bw'abasinza
   c. Eby'afaayo by'ebikolebwa ku kanisa

3. Goberera era oweeyo ebivuddemu
   a. Buli mwezi
   b. Katundu k'omwaka
   c. Buli mwaka

E. **Kolayo entegeka ey'okuyigirizibwa mu buweereza**
**"*Emirimu gyo giterese Mukama, N'ebirowoozo byo binaanywezebwanga*"**
**- Engeero 16:3**

1. Bawe okwolesebwa
   a. Nnyonyola ky'oyagala okulaba nga kibaawo
   b. Nokolayo ebimu ku binavaamu oba enneyisa

2. Teekawo ebiruubirirwa ku buli kipimo ky'okuyigirizibwa
    a. Okubeerawo mu kusinza
    b. Okwennyigira mukuyiga Baibuli
    c. Okwetaba mu bubiina obutono
    d. Okwennyigira mu kuweereza/mu buweereza
    e. Okwenyigira mu bumiisani n'obujulirwa
    f. Okulaga okukkiriza
    g. Okwetaba mu kukungaana

3. Teekawo omutendera gwabuli muntu mukuyigirizibwa
    a. Zuula amadaala g'okweyongerayo
    b. Okubeera mu kibiina ky'abayiga Baibuli
    c. Okwennyigira mu bubiina obutono
    d. Emyagaanya gy'okuweereza, obumiisani oba obujulirwa
    e. Okukungaana n'abalala.

4. Teekawo entegeka y'ekanisa nga yamwaka
    a. Beera n'entegeka ey'okutuukiriza ebiruubirirwa by'okuyigirizibwa mu kanisa yo.
        - Biki ebinaakolebwa
        - Bintu ki ebyetaagisibwa
    b. Ddamu weetegereza entegeka buli mwezi nabuli mwaka olw'enkulakulana n'ebinaaba bivuddemu
    c. Kola enkyukakyuka nga bwezetaagisibwa

F. **Okwekeneenya ebigenda mu maaso**

*Ddamu weetegereze ebyo ebikulu era webuuze ebibuuzo bino wammanga buli mwaka*

1. Okwennyigiramu nga ggwe
    a. Weenyigiramu ky'enkanawa kubi daala mu mutendera ogwo?
    b. Wa wolina obuwanguzi?

2. Okukula kw’omuntu

   “***Era n'okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kwokka nga kufudde”. – Yakobo 2:17***

   ***a.*** Biki by’ofunyemu nga ggwe?

   ***b.*** Abantu bo bakula mu kukkiriza?

***3.*** Kola okutendeka okwenjawulo okusinziira ku byetaago by’abantu

   a. Funzaamu ku mitendera oba ebibiina ebisomesebwa
   b. Bakubirize okwennyigira mu bisomesebwa ebiwanguza
   c. Balagirire eri obuweereza obwenjawulo

4. Kebera bye bakyusizza

   ***“Kale mulibategeerera ku bibala byabwe.” – Matayo 7:20***

   a. Kiki ky’okyusiza ku kanisa yo?
   b. Kiki ky’okyusiza ku kitundu kyo?
   c. Kiki ky’okyusiza ku nsi?

# Omulimu ku nteekateeka y'okufuula abayigirizwa

Teekawo entegeka y'okuyigiriza ey'ekanisa yo oba obuweereza. Beera mulambulukufu nga bw'osobola era olage okw'olesebwa kwo, ebiruubirirwa n'ebyo byoyagala okuteeka munkola

**Okwolesebwa** ____________________________________________

____________________________________________________________

**Ekiruubirirwa *1:** ________________________________________

**Ebikolebwa:**

1. ________________________________________
2. ________________________________________
3. ________________________________________
4. ________________________________________

**Ekiruubirirwa *2:** ________________________________________

**Ebikolebwa:**

1. ________________________________________
2. ________________________________________
3. ________________________________________
4. ________________________________________

**Ekiruubirirwa *3:** ________________________________________

**Ebikolebwa:**

1. ________________________________________
2. ________________________________________
3. ________________________________________
4. ________________________________________

**Ekiruubirirwa *4:** ________________________________________

**Ebikolebwa:**

1. ________________________________________
2. ________________________________________
3. ________________________________________
4. ________________________________________

**Essuula 10**

# Obubiina obutono obw'abayigirizwa

"***Awo n'alinnya ku lusozi n'abayita gy'ali b'ayagala: ne bagenda gy'ali. N'ayawulamu ekkumi n'ababiri okubeeranga awamu naye, era abatumenga okubuulira***." – **Makko 3:13-14**

Kuntandikwa y'obuweereza bwe kunsi, yesu yavaayo mulujjudde nalonda ekibinja kye ekitono. Yalonda abasajja kumi nababiri (12) abafuuka abayigirizwa be, era n'abakuza, n'abatendeka mu myaka esatu egyaddako. Yesu nga bweyakibalekera mu ngalo zaabwe, abayigirizwa baziimba ekanisa, omubiri gw'abakkiriza, ogwo ogwatandika nga akabiina akatono mu nnyumba zaabwe. Leka tuulabe engeri gyetusobola okukozesa obubiina obutono obw'abayigirizwa olw'okukula mu mwoyo era nengeri ekitundu gyekiwulirami olw'ebibiina.

## A. Obubiina obutono- okunyonyolwa

1. Abantu okuva 5-12
2. Enkungaana eza buli kaseera
   a. Mu maka
   b. Okuyiga Baibuli
   c. Okugabananga n'okufaayo
   d. Okusaba
   e. Emmere – si yabuwaze

3. Emitima wegikwatibwako, ebibuuzo by'anukulwa, era n'okuyiga kusinziiraku Baibuli

## B. Emisingi mu Baibuli ku bubiina obutono

1. **Ebikolwa 2:46-47**
   **"*Nabo nga banyiikiriranga bulijjo n'omwoyo gumu mu yeekaalu, nga bamenya emigaati mu nnyumba eka, ne balyanga emmere n'essanyu n'omutima ogutalina bukuusa, nga batenderezanga Katonda, nga basiimibwanga abantu bonna. Mukama n'abongerangako bulijjo abaalokokanga.*"**
   a. Baasisinkananga mu maka
   b. Baakozesebwa katonda ku lwokukula kwe kanisa

2. **Abaebbulaniya 10:25**
   **"*Obutalekanga kuku**aana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira; era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe mulaba olunaku luli nga lunaatera okutuuka*."**
   a. Towanika
   b. Ekifo eky'omugaso okuzibwamu amaanyi

3. **Omubuulizi 4:9-10**
   **"*Babiri basinga omu; kubanga baba n'empeera ennungi olw'okutegana kwabwe. Kubanga bwe bagwa omu ali yimusa munne: naye zimusanze oyo ali yekka bw'agwa, so nga talina munne amuyimusa*."**
   a. Ttwetaaga bannaffe
   b. Ab'emikwano bayambagana

4. **Abakkolosaayi 3:16**
   **"*Ekigambonkya Kristo kibeerenga mu mmwe n'obugagga mu magezi gonna; nga muyigirizagananga era nga mulabulagananga mwekka na mwekka mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo, nga muyimbira Katonda mu kisa mu mitima gyammwe."***
   **Engero 27:17 "*Ekyuma kiwagala kyuma; Bw'atyo omuntu awagala amaaso ga mukwano gwe."***
   a. Okwewagiranga
   b. Okweyongera okukula mu mwoyo nga tuyita mu kuyiga
   c. Okuwa embalirira

5. **Ebibiina ebitono bye bifo wetukuliza enkolagana ey'omuwendo:**
   **a.** Mwagalanenga (**Yokaana 13:24, 15:12,17** ….. nendala nnyingi)
   **b.** Mufeengayo ku balala (**Abaruumi 12:10)**
   **c.** Buli muntu agulumizenga munne (**Abaruumi 12:10)**
   **d.** Tulemenga okwesaliranga emisango fekka na fekka **(Abaruumi 14:13)**
   **e.** Musembezeganyenga mwekka na mwekka **(Abaruumi 15:7)**
   **f.** Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu **(Abaruumi 16:16, 1Abakkolinso 16:20, 1peetero 5:14)**
   **g.** Muweerezeganenga mu kwagala **(Abaggalatiya 5:13)**
   **h.** Muzibiikiriziganenga mu kwagala **(Abaefeeso 4;2, Abakkolosaayi 3:13)**
   **i.** Musonyiwaganenga **(Abaefeeso 4:32, Abakkolosaayi 3:13)**
   **j.** Mubeerenga bakisa eri bannamwe **(Abaefeeso 4:32)**
   **k.** Muyigirizaganenga **(Abakkolosaayi 3:16)**
   **l.** Muzimbaganenga **(1Abasessalonika 5:11, Abaebbulaniya 3:13, 11:25)**

**m.** Musanyusaganenga mwekka na mwekka **(1Abasessalonika 4:18)**
**n.** Tulowoozaganenga n'okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi **(Abaebbulaniya 10:24)**
**o.** Mwatuliraganenga ebibi **(Yakobo 5:16)**
**p.** Musabiraganenga **(Yakobo 5:16)**

## C. Ebiraga obubiina obutono

1. Ebibiina byonna ebitono byetaaga emigaso egifaanagana ( waggulu – munda – wabweru – mumaaso)

   **a. Waggulu – Matayo 22:36-38**
   ***"Omuyigiriza ekiragiro ekikulu mu mateeka kiruwa? Naye n'amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'amutima gwo gwonna, n'obulamt bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye."***
   - Ekisingayo obukulu – enkolagana yaffe ne mukama
   - Okuyayaana okwaddala – mu bujjuvu
   - Yayaana okubeera naye
   - Okuyaayana okugabana ekyo ky'akola

   *b.* **Munda – Matayo 22:39**
   ***"N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka."***
   - Okuwanganayo obulamu bwaffe mu kwagala
   - Okubeera mu kitundu nga tuli wamu
   - Okwagalananga mu bibinja byaffe ebitono, okuteekawo okwagalananga ne munkole ye bweru

   **c. Wabweru – Matayo 28:19**
   ***"Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu".***
   - Okutegeera nti fenna tuli ku ddimu eddene eri ensi yonna
   - Buli mukama gy'atutuma okugenda, tulina okukiraba nga omukisa gw'okujulira.
   - Ekiragiro ky'ewabweru kiri "kugenda" na "kufuula bayigirizwa" mu katonda omu owamazima.

d. **Mumaaso – Matayo 28:20**
***"…..nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo."***
   - Okuyiga okugondera ebyo byonna Kristo bye yatuyigiriza – ekikwekweto ky'okukula mu mwoyo
   - Okuyigirizibwa tekyenkana nakugonda mu bulamu obwa bulijjo
   - Okukyusa obulaba bwetugabira n'abalala
   - Okugenda mu maaso mu mazima g'okukkiriza awamu ne Kristo nga yemusaasizi era omulungamya waffe.

2. Emiganyulo gy'ebibinja ebitono
   a. Ky'ekifi wetuwulirira ng'obulamu bukyusibwa
   b. Ekifo webayigira okubeera mu bulamu obw'ekilokole
   c. Ekifo wetlagira n'okufunira okwagala
   d. Ekifo wetukulira mu nkolagana eyebuziba, mu kwagala n'okukirizibwa
   e. Ekifo eky'okuzuuliramu amaanyi okugumira ebisoomoza nembeera ezitto
   f. Ekifo ky'okusinza, okusaba, n'okuyiga
   g. Ekifo eky'okukozesaamu ebirabo byo okuweereza abalala

3. Ebika by'ebibinja ebirala ebisobola okufuuka ebibinja ebitono
   a. Okufaayo ennyo ku kuweereza (okiugeza. Bamalaika be fumbiro)
   b. Okufaayo ku buweereza (okugeza, ekibiina ky'abtendereza)
   c. Okusinziira ku buttoned (okugeza ekibiina ky'abasajja)
   d. Okusinziira ku kiti ky'ogwamu (okugeza obakungu)
   e. Ebika byonna eby'ebibinja bitekeddwa okubeera n'emigaso gy;obubinja obutono.
      - Okubikkula ekigambo kya katonda okuwa obubaka
      - Okusabira awamu
      - Okugabana n'okwewagiranga
      - Okukulira awamu mu mwoyo

**D. Ebisoomoza by'ebibiina ebitono, nebisoka okolebwa okubivuunuka**

1. Okulondobamu – akabiina akatono bwekaba nti kaggaliddwawo eri abalala.
   *Ekisoboka okukolebwa:* mubeere n'entebe etaliiko muntu, era musaba webeewo agijjuza. Era mubeere beetegefu okwawuzaamu ebibinja bibiri.

2. Ensonyi – okubeera n'abantu mukibinja nga balwawo okugabana
   *Ekisoboka okukolebwa*: mwawuzeemu obubinja obulala obutono bw'abantu 2-3 emirundi egimu.

3. Okusukkuluma - obunafu mu mwoyo, okwagala okwesigamanga kubala bulijjo.
   *Ekisoboka okukolebwa:* okwewa obudde obwekyenkanyi mu kusinza, okusaba, okuyiga n'okugabananga

4. Omukulembeze nga yakola buli kintu – omukulembeze nga yayogera yekka.
   *Ekisoboka okukolebwa*: mukyusenga obukulembe obufuga abayiga Baibuli .

5. Okuyisaamu ebizibu byo - abantu abaagala ennyo okuwamba emboozi nga baleeta ebizibu byabwe.
   *Ekisoboka okukolebwa*: okuwa okuwabulwa eri omuntu oyo alina ebizibu ebingi.

6. Abaana – okuleka abaana babeere bu bibinja by'ebimu ne bazadde babwe, kubanga tebasobola kulekebwa waka
   *Ekisoboka okukolebwa:* muwanyisenga mukusomesa abaana, oba mufuneyo omubuvuka anabayamba**.**

***E.* Obuwagizi bw'absumba eri obubinja obutono bw'amugaso**

1. Bulijjo kyaliranga ebibinja bino
2. Tendeka era owabule abakulembeze b'obubinja buno obutono
3. Yimba ebibinja ebitono okufuna ebikozesebwa mu kuyiga Baibuli
4. Bawe ebikozesebwa ebirala/obuyambi, okugeza okukebera ebirabo eby'omwoyo, obupapula obuliko obubaka mu kubuulira enjiri wabweru
5. Sanyukira wamu n'ebibinja ebitono nga balina ebikujjuko byabwe
6. Ssanyukira obubinja obutono nga ekibiina ekinene

# <u>Omulimu ku kuyigirizibwa kw'ebibinja ebitono</u>

**Yanukula ebibuuzo bino wammanga okuyamba ekanisa yo n'enteekateeka y'ebibinja ebitono.**

1. Bibinja bimeka eby'okuyiga Baibuli ebiriwo kati, era buwagizi ki bwebetaaga okufuuka ekibiina ekitono?

   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________

2. Buweereza ki oba kibinja ki eky'etaaga okuyimusibwa okufuuka ekibiina ekitono eky'ababikkuzi ba Baibuli, abasaba n'ebirala?

   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________

3. Ani ayinza okubeera omulungi okukulembera ekibiina ekyo ekitono?

   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________

4. Birowoozo ki ebirara eri okuyigirizibwa kw'ebibiina ebitono mu kanisa yaffe? (*mukikubaganyeko ebirowoozo nga muli wamu*)

   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________
   ____________________________________________________________

## Essuula 11

## <u>Okubudabuda abalala</u>

“***Naye twali bawombeefu mu mmwe, ng'omulezi bw'ajjanjaba abaana be ye: bwe tutyo bwe twabalumirwa omwoyo, ne tusiima okubagabira, si njiri ya Katonda yokka, era naye n'emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo. Mulyoke mutambulenga nga bwe kisaanira Katonda abayita okuyingira mu bwakabaka bwe ye n'ekitiibwa”***
**1 Abasessaloniika 2:7-8, 12**

Yesu yateekawo enkolagana ey’okubudaabiddibwa n’abayigirizwa be. Yesu yali musomesa, muwabuzu, era nga mulungamya wa bayigirizwabe. Yalina enkolagana eyenjawulo n’abayigirizwa basatu abenkizo – Peetero, Yakobo, ne Yokaana. Okubudabuda bubaka bukulu mu ddimu lino eddene , kubanga tulina kufuula bayigirizwa, so si bajulirwa kyokka eri abantu bebweru. Okubudabuda kirungo kyamugaso nyo mu kukola abayigirizwa – nga bwetukula mu mwoyo era n’okuyiga okubeerawo mu bulamu obw’okukkiriza.

### A. Ennyanjula

1. Omubudabuzi ye muwabuziow’amagezi era omwesigwa oba omusomesa. (*okusinziira ku kitabo ekinnyonyola*)

2. Katonda yatutonda okwetaaga ababudaabuzi
   a. Abazadde
   b. Abasomesa
   c. Bakama baffe
   d. Abasumba

3. Okubudabuda kye: (*laba 1Timoseewo, essuula 4*)
   a. Okwewaayo mu nkolagana ya muntu ku muntu mu kuyigirizibwa
   b. Okubaako ne kyoteeka mu bulamu bw’omuntu

c. Okusikiza okukkiriza mu Yesu
d. Okwesigangana, embeera nga abantu bombi beewa ekitiibwa ate nga buli omu yeesigamu ku munne
e. Okuzaala mu mwoyo – awo nno gwebabudabuda naye asobole okubudabuda abalala.
f. Okukuuma obukulembeze mu buKristaayo okuva ku mulembe ogumu okutuuka kumulala

“***Era bye wawuliranga gye ndi mu bajulirwa abangi, ebyobiteresenga abantu abeesigwa, era abalisaanira okuyigiriza n'abalala.”***

**2Timoseewo 2:2**

**B. Ennono z’okubudabuda**

1. **Okwewaayo**
   a. Okutwala obuvunanyizibwa okuzimba enkolagana  muntu ku muntu.
   b. Okuteekamu obudde ku ebyo ebigenda mu maaso
   c. Okukola obweyamo mu kugoberera ekigambo kya katonda n’okwagala kwe.

2. **Embalirira**
   a. Okubeera ebeerufu eri buli omu
   b. Okuba ebeetegefu okwenenya
   c. Okukkiriza okwanukula omuntu omulala

3. **Emmizzi**
   a. Ebikwata ku muntu byonna by’akyama, okugyako ebyo ebinokoddwayo
   b. Mukkiriziganyenga okugabana obubaka obumu, okusobola okuzimba omubiri gw’abakkiriza

4. **Nakyewa**
    - **a.** Buli muntu yeetegese okuyingira munkolagana
    - **b.** Okuwaayo obudde obwetagisibwa ku lwokwewaayo okwekiseera ekiwanvu
    - **c.** Kikkirize okukoma, ng'abantu bombi webakisabye oba webakyetaaga.

5. **Enneyisa**
    - a. Muntu ku muntu
    - b. Ekikula ky'abantu kimu kyokka
    - c. Kiyinzika okuba omuntu gw'omanyi oba gw'otamanyi
    - d. Omuntu ow'okusatu ayinza okuyamba mu kukwasaganya
    - e. Obutasukka bantu nga basatu okubuddabuda mu kiseera ky'ekimu
    - f. Baibuli ky'ekikozesebwa ekikulu
    - g. Kibeerawo mu kwanukula okuyitibwa kwa katonda

**C. Obudabuda otya**

1. **Okutandika**
    - a. Ng'omaze okusaba n'okulungamizibwa katonda, londa omuntu w'okubudabuda.
    - b. Kolayo ensisinkano ey'okunyonyola esooka, era mukiriziganye ku mitendera egy'okubudabuda
    - c. Kisobola okukoma awo, nga bwekirina okubeera nga kya babiri era nga kwagala kwa katonda. Saba!
    - d. Omuntu singa abula, oba nga simulokole, sooka omubuulire enjiri

2. **Salawo emitendera mu kubudabuda**
    - a. Ddi era wa aw'okusisinkana
    - b. Mukkiriziganye ku Baibuli nga kye kitabo ekinabalungamye mu nsisinkano zammwe.
    - c. Mubeere n'ensisinkano ey'okubiri, era mwembi muwandiike ensonga ezikwata ku bulamu, emiramwa, oba eby'etaago
    - d. Muteeketeeke mwembi obudde n'emiramwa

3. **Musisinkanenga bulijjo**
    a. Mukuume ebiseera bye mwateesa
    b. Beera mwangu okukyusa ebiseera, n'okuteekawo ensisinkano ezenjawulo
    c. Mubeeere n'ensisinkano ennyimpi okusobola okukwatagana n'okwezaamu amaanyi

4. **Kebera era okole ku byetaago**
    a. Kozesa byemwasooka okuwandiika
    b. Kungaanya obubaka bungi obukwata ku buto, mu buvubuka, ne mubeera z'obulamu obwakati
    c. Ddamu weetegereza era mukubanye ebirowoozo ku biwandiikiddwa, muzuule ebyetaago, era mukole ebiruubirirwa mu kubudabuda

5. **Wagira okukula mu mwoyo**
    "***Naye ggwe beeranga mu ebyo bye wayiga n'otegeerera ddala, ng'omanyi bakuyigiriza bwe bali; era ng'okuva mu buto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinza okukugeziwaza okuyingira mu bulokovu olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu"***
    ***- 2Timoseewo 3:14-15***

    a. Ebiruubirirwa bikoleddwako, kimu ku kimu oba ebimu ebitono mukiseera ky'ekimu.
    b. Ebiruubirirwa byonna birina okunonyeebwako mu byawandiikibwa olw'okulungamizibwa n'okuyamba. Kino mukikolere wamu era mutegeke ebimu mu maaso.
    c. Musabire wamu,muwulirize omwoyo omutukuvu olw'okulungamizibwa
    d. Mukkiriziganye ku buli mulimu ogw'egulo limu, nga olutuula oluddako terunatuuka.
    e. Beera n'obujulizi, gabana okukulakwo mu mwoyo n'abalala, era mujulire ku mirimu gy'omwoyo omutukuvu mu bulamu bwamwe.

6. **Ddi lw'okomya enkolagana y'okubudabuda**
    a. Nga mukama bwakulembera, era nga bwetwakaannya
    b. Singa gwebabudabuda asobola okubudabuda omuntu omulala. Tulina okufuula abayigirizwa, abo abanakola abayigirizwa abalala
    c. Singa embeera z'obulamu zikyuka
    d. Kyusa enkola yo – okugeza. Temukungaana mga bulijjo, naye mubeeko n'ensonga ezibagasaganya
    e. Bwemubanga musobola okusisinkana  ku ky'emisana, era ne mwebudabuda.

Buli mulokole ateekeddwa

**OKUBA  n'amubudabuda**

**Era**

**Okubeera abudabuda**

**Obulamu bwabwe BWONNA!**

Pawulo ng'abudabuda Timoseewo:

"***Ekiragiro kino nkuteresa, mwana wange Timoseewo, ng'ebigambo bya bannabbi bwe byali bye baakwogerako edda, olyoke olwanirenga mu byo olutalo olulungi, ng'onyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi, abalala gwe basindika eri ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe:"***

**1Timoseewo 1:18-19**

# Omulimu ku kubudabuda abalala

**Yanukula ebibuuzo bino wammanga, okuteekerateekera ab'okubudabuda mu kanisa yo:**

1. Ani gwempulira mukama gw'anungamya okubudabuda?

2. Bantu ki mu kanisa yaffe abakulembedwa omwoyo okubeera ababudabuzi?

3. Ani ali mu bwetaavu bw'okubudabudibwa mu kanisa yaffe?

4. Okuva mu bibuuzo 2 ne 3 waggulu, baani abakwasaganye okufuuka ababudabuzi abaawamu?

# <u>Essuula 12</u>

# <u>Okukubiriza enjala ku lwa katonda</u>

**"*Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu: kubanga abo balikkusibwa.*"**
**Matayo 5:6**

Waliwo enjogera eyedda egamba nti "osobola okutwala embalaasi ku mazzi naye tosobola kuginywesa". Kitegeeza nti singa embalaasi teba na nnyonta, eyinza obutanywa, nebwogiteerawo amazzi. Kino kyekimu kisobola okwogerwa ku nkolagana yaffe ne katonda. Tusobola okukulemberwa eri katonda, naye okugyako nga tumuyayanidde tetuliba nabwagazi gy'ali. Nolwekyo ky'amugaso ffe okufuna enjala ku lwakatonda n'ekigambo kye, tulyoke tusobole okujjuzibwa omwoyo omutuku. Olumu nawulira Rev. David Jeremiah ng'annyonyola enjawulo wakati "**w'enjala y'Omwoyo** "**n'enjala y'omubiri"** mu bubaka bwe ku leediyo. Yagamba nti **enjala y'omubiri,** gy'okoma okulya, gy'okoma okuwona enjala okutuusa lw'okutta. Naye **enjala y'Omwoyo** kikontana neekyo. Gy'okoma okulya, gy'okoma okulumwa enjala. Tofuna kikumala. Ng'abakulembeze ky'amugaso ffe okukubiriza abalala nabo okuba n'enjala ku lwa katonda. Tusobola okubakulemberamu eri katonda  naye nabo bateekeddwa okuba n'enjala ku lwa katonda. **<u>Abantu ba katonda bweba n'enjala ku lulwe babeera bamuyayanira era nebakula ng'abayigirizwa.</u>**

**A. Ani alina okuba n'enjala kulwa katonda?**

1. Omuyigirizwa wa Kristo alina okuba n'enjala ya katonda nga Yesu bweyali
    a. Waliwo enjawulo wakati w'omuyigirizwa n'omukkiriza?
    **Omuyigirizwa** – Yoyo akkiriza era n'ayambako mu kusaasanya enjigiriza eri abalala.
    **Omukkiriza** – okubeera n'enzikiriza enywevvu; gy'atwala nga yamazima oba ntuufu.

b. Omuyigirizwa asingako okubeera omukkiriza. Omuyigirizwa alina okukkiriza **okukola**
**"*Naye mubeerenga bakozi, ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba*" –Yakobo 1:22**

2. Bantu ki mu Baibuli abali eky'okulabirako nga balumwa enjala ku lwa katonda?
   a. Ibulayimu – okwesiga ebisuubizo bya Katonda **(olubereberye 22)**
   b. Musa – okugondera ebiragiro bya Katonda (**Okuva 7:6)**
   c. Dawudi – omusajja alina omutima ng'ogwaKatonda **(1samwiri 13:14)**
   d. Yobu – Mwesigwa n emukuyiganyizibwa (**Yobu 42)**
   e. Nikodemu – Yajja eri Yesu mukiro **(Yokaana 3:2)**
   f. Malyamu – okutuulanga ku bigere bya Yesu **(Lukka 10:38-42)**
   **g.** Pawulo – omusajja ayali ku bumiisani bwa Katonda **(Ebikolwa 9:15-16)**

**B. Lwaki tulina okukubiriza enjala ku lwa Katonda?**

1. Kubanga tumanyi nti katonda yekka yasobola okujjuza omuwaatwa mu mwoyo gwaffe.
   a. Katonda yekka yagaba emirembe emituufu
   b. Katonda yekka yasobola okukkusa okuyaayana n'ebyetaago byaffe mu mwoyo.

2. Kubanga ffenna twatondebwa okubeera munkolagana wamu n'omutonzi waffe.
   a. Twali twayawulibwa okuva ku katonda olw'ekibi, era ayagala tukomewo!
   b. "***Awatali katonda tewali kyetuyinza kukola*" – Yokaana 15:5**

3. Kubanga Kristo ly'ekkubo **lyokka** eri obulokozi n'obulamu obutagwawo.
   **a.** Tewali linnya ddala erisobola okulokola abantu – **Ebikolwa 4:12**
   **b.** Yesu ye kkubo, n'amazima n'obulamu – **Yokaana 14:6**

4. Olw'emikisa katonda gyayagala okuwa buli omu kuffe mu bulamu buno.
   a. Sooka omunoonye, olifuna kyonna kyewetaaga – **Matayo 6:33**
   b. Katonda awa omukisa abo abamukowoola – **Abaruumi 10:12**

**C. Bubonero ki obulaga enjala y'omwoyo?**

1. **<u>Okuyayaana okusinza</u>** katonda
   a. Okutendereza kutusikiriza
   b. Okusinza kusitula emyoyo gyaffe
   c. Okusinza kutyamba okutunuulira Katonda mukifo kyaffe

2. **<u>Ennyonta y'okumanya n'amazima</u>**
   a. Okumanya n'okutegeera ekigambo kya katonda
   b. Okukozesa ekigambo kya Katonda mu bulamu bwaffe
   c. Okunoonya amagezi ga Katonda
   d. Okugoberera okwagala kwa Katonda ku lwobulamu bwaffe

3. **<u>Obwetaavu okujjuza obukalu</u>** mu bulamu bwaffe
   a. Okubeera n'enkolagana ne Yesu
   b. Okujjuza omuwaatwa ogwo gwokka gw'asobola okujjuza
   c. Okuzuula amakulu n'ekiruubirirwa mu bulamu bwaffe.

4. **<u>Okuyayaana okwewaayo</u>** eri katonda (**Yakobo 4:7 – "*Kale mujeemulukukirenga katonda*;"**)
   a. Kola okwagala kwe
   b. Goondera ebiragiro bye
   c. Genda gy'akutuma

5. **<u>Okuyayaana okuweereza</u>** abalala ( **Abaggalatiya 5:13 – "muweerezeganyenga mukwagala")**
    a. Okusooka okulowooza ku balala (ekiragiro ekikulu)
    b. Okwagala abalala nga Yesu bwe yatwaagala
    c. Okwegaaana obulamu bwo newetikka omusaalaba gwe.

6. **<u>Okuyayaana okugabana amawulire amalungi</u>** n'abalala
    a. Kyeyagalire okugabana obujulizi bw'omulala (obujulirwa)
    b. Okunoonya abaabula (okubuulira enjiri)
    c. Okulaangirira enjiri (buulira)

**D. Tuyamaba tutya okuliisa enjala y'abalala?**

1. Bakubirize okulya emmere ey'omwoyo **(<u>some ekigambo</u>)**
   **"*Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi."* -2Timoseewo 3:16-17**

    a. Okukula mu Kristo, oteekeddwa okumanya Kristo
    b. Enjogera ye Kimerika egamba nti, "oli ekyo kyolya" nolwekyo lya bulungi!

2. Kubiriza okukola kw'emirimu bulijjo **(Beera mu kusinza)**
   **"*Muwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye: Muleete ekiweebwayo, mujje mu maaso ge: Musinze Mukama mu bulungi obw'obutukuvu*:" – 1 Ebyomumirembe 16:29**
    a. Kiteeka omulaka ku katonda
    b. Kikubiriza enkolagana mu mubiri gwa Kristo

3. Kubiriza okuziyiza "ebiwoomerera" (ebibi by'ensi) ebyo ebikendeeza obwagazi bw'omuntu. (**sigala ng'oli mutukuvu)**
   ***"Kale naffe, bwe tulina olufu lw'abajulirwa olwenkana awo olutwetoolodde, twambulenga buli ekizitowa n'ekibi ekyegatta naffe, tuddukenga n'okugumiikiriza okuwakana okuteekeddwa mu maaso gaffe, -*** **Abaebbulaniya 12:1**

   a. Okwatula ebitunyiga n'okwenenya
   b. Nyigiriza okwewala embeera ezituleetera ebikemo

4. Wagira okuliisa abalala ( **kola omulimu gw'obumiisani**)
   "***N'amugamba omulundi ogw'okusatu nti Simooni, omwana wa Yokaana, onjagala? Peetero n'anakuwala kubanga amugambye omulundi ogw'okusatu nti Onjagala? N'amugamba nti Mukama wange, ggwe omanyi byonna; ggwe otegeera nga nkwagala. Yesu n'amugamba nti Liisanga"*** **– Yokaana 21:17**

   a. Omuntu yenna bwaba nga anafuna ateekeddwa okusooka okugaba
   b. Omusomesa amanyi nyo okusinga omuyizi
   c. Okukkiriza kwaffe kukula bwetuweereza abalala mu linnya lye.
   d. Tokozesa Katonda – leka Katonda akukozese!

5. Kubiriza okuzimba endowooza y'obwakatonda (Noonya Katonda)
   "***Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako."*** **– Matayo 6:33**
   a. Teekawo endaba ya Baibuli eri ensi
   b. Sooka onoonye Katonda mu buli kintu
   c. Tunuulira ekigambo olw'ebiragiro n'okulungamizibwa

**6.** Kubiriza okubeera mu bulamu bw'okusaba obunywevu (**saba obutakoowa) "*Musabenga obutakoowa." – 1* Abasessaloniika *5:17***
   a. Kizimba enkolagana yaffe ne kitaffe ali mu ggulu

b. Kizaamu amaanyi okukkiriza kwaffe nga bwetutunulira Katonda ng'ayanukula okusaba kwaffe.

**E. Obumu ku bukoddyo mu kukubiriza abalala okuba n'enjala ya katonda**

1. Beera eky'okulabirako
   a. Tobagamba bugambi – naye balage
   b. Ekifaananyi kyenkana ebigambo olukumi.

2. Mukikolere wamu
   a. Beera afaayo eri abalala
   b. Mulimu amaanyi mu miwendo
      ***"….n'omugwa ogw'emiyondo esatu tegutera kukutuka"***
      **– Omubuulizi *4:12***

3. Luubirira ebirungi
   a. Okukonjera kuzikiriza okuyayaana
   b. Muzimbaganenga – **1 Abasessaloniika 5:11**

4. Beera mukozi
   a. Tobalinda ,kutandikawo kikolebwa oba bayinza obutakikola
   b. Kibareetera okumanya nti obafaako

5. Wa katonda ekitiibwa n'amatendo
   a. Beera mukakafu okwebaza Katonda mu buli kintu kyonna
      **– 1 Abasessaloniika 5:18**
   b. Bulijjo kiri ku ye so si ffe.

# <u>**Omulimu ku kukubiriza enjala ku lwa Katonda**</u>

Wandiika ebintu by’osobola okukola okukubiriza abalala okubeera n’enjala ku lwa Katonda:

1. ____________________________________________
2. ____________________________________________
3. ____________________________________________
4. ____________________________________________
5. ____________________________________________
6. ____________________________________________
7. ____________________________________________
8. ____________________________________________
9. ____________________________________________
10. ____________________________________________